# Ekifo Katonda Ky'Ataddewo Okumusinza

Los Angeles, California USA
Apuli 25, 1965

1 Ka tukoteke ku mitwe gyaffe katono. Kitaffe Omulungi ow'omu Ggulu, guno ddala mukisa gwa nkizo ffe okubeera wano olwa leero mu kibuga kya Los Angeles, era ne mu bino, abakkiriza nti… Abalonde abayitiddwayo okuva mu nsi, abaana ba Katonda abeeyawudde, mu ssaawa eno ey'amaanyi gye tulimu, wansi w'okusuubira kuno okw'amaanyi okw'okujja kw'Omwagalwa waffe, Mukama Yesu Kristo, ekiseera kyonna. Tukwebaza olwa kino mu mutima gwaffe, nti tukkiriza nti Ajja kujja mu mulembe gwaffe. Tumunooonya olwa leero. Bw'Aba nga tali wano olwa leero, enkya bwe tunaabawo, tujja kumunoonya enkya.

Katonda Omwagalwa, tusaba nti olukuŋŋaana luno lujja kubeera bubeezi o-olwenjawulo Leka kabeere akaseera nti kajja kuleka obuwandiike ku kukulaakulana kw'Ekkanisa, okunaabeera ku kitabo Kyo mu Butaggwaawo. Wa omukisa buli maanyi amatono ge tuleeta, kitange. Tukizuula nti tuli ba kiremwa ddala Ggwe w'Otali, n'olwekyo tuteekeddwa okubeera Naawe. Mukama, bwe kiba kisoboka tweyongereyo. Era tetwagala kino olw'ekitiibwa kyaffe. Tukyagala olw'ekitiibwa Kyo. Okwo kwe kuyaayaana kw'emitima gyaffe, kwe kulaba Yesu nga aweebwa ekitiibwa mu bantu Be. Okunyweza okukkiriza kw'abo, Mukama, mu lunaku luno nga olutalo lw'amaanyi nnyo, tuzze olw'okuzzibwa obuggya mu ffe, era olw'obuddukiro, n'okuwummula. Tusaba nti ojja kutuwa bino byonna, kubanga tubisabye mu Linnya Lya Yesu. Amiina. Mutuuleeko.

2 Ow'Oluganda Shakarian, Mwannyinaze Wyatt, n'emikwano gya Mukama waffe Yesu Kristo, ddala nsiima olw'omukisa guno okubeera mu Los Angeles nate, okubuulira ku Yesu ono ow'ekitiibwa Oyo gwe tuli wano ffena okuyigako olwa leero. Ssinga amaanyi gaffe…

[Omuntu omu ayogera eri ow'Oluganda Branham ku kikwata ku muzindaalo -Omuk.] Yee, ssebo [Bbanga Jjereere ku lutambi] …engeri eno. Kino tekitegeerekeka bulungi. Gamba, ekintu kino tekyagala kukwatagana. [Abalala bawa amagezi ku ngeri y'okutereezaamu omuzindaalo.] Kale, tekigenda kukola bwe kityo. [Bbanga jjereere ku lutambi] …ow'Oluganda Shakarian. Kaakati ekyo kiwulikika bulungi okusingawo.

Ndi mutono, nnina eddoboozi ttono, naye ate Obubaka bunene obw'amaanyi okuva eri Mukama. Okuziyizibwa kungi okuva eri Setaani, okulemesa okubuleeta, naye bujja kutuuka wano mu ngeri yonna. Twesiga nti eno ejja kubeera wiiki ey'amaanyi nnyo gye tuli.

3 Nnabadde ntudde wali nga ndowooza ku mirundi emeka Muganda waffe omugenzi Thomas Wyatt, tewali kubuusabuusa, yali ayogereddeko ku kituuti kino kye kimu, omuweereza wa Kristo ow'amaanyi.

Nnamanya ow'Oluganda Wyatt. Yali kyakuluŋŋamizibwa eky'amaanyi gye ndi bulijjo buli lwe nnayinzanga okumusisinkana n'enjogera naye. Nzijukira, nga nkyali mulenzi omubuulizi omuto, yayinzanga bulijjo…ekitabo kye, ekiyitibwa Ebiwaawaatiro Eby'okuwonyezebwa. Njagala omutwe ogwo, Ebiwaawaatiro Eby'okuwonyezebwa.

Era tuli basanyufu okubeera wano mu yeekaalu eno ewongeddwayo okuweereza Kristo. Katonda awe omukisa nnamwandu we, nammwe mwenna aba… ddala, Mmanyi mumusubwa, nammwe. Nsubwa pulogulaamu ye. Bwe nnawulira nti yali agenze, N-Nnayinzanga okuwulira eddoboozi eryo. Yali nga akaddiyeemu, naye ng'akyalina eddoboozi eddene eddungi, era-era ng'alina obubaka okuva eri Katonda. Era obulamu bwe bukyali wano mu bantu mmwe. Era eyo wabweru mu kisaawe ky'obuminsane gye yasindikanga obubiina bwonna obwo, n'ebirala, Enjiri ekyagenda mu maaso ku lwa Thomas Wyatt. Leka emmeeme ye ewummule mirembe okutuusa ekiseera we tunaamusisinkana mu Nsi eyo ey'ekitiibwa ewatali kufa, oba okukaddiwa. Tuli wano okugenda mu maaso kati okutuusa ng'ekiseera kyaffe kituuse oba ng'okuzuukira kwa bonna okwo okw'amaanyi kutuuse Yesu w'Ajjira okutukima fenna.

4 Kaakati Mmanyi mulina okusaba wano, Ndowooza, ekiro. Era Nnagambiddwa, akaseera katono akayise, nti- nti mwabadde n'okuŋŋaana wano ekiro kya leero, n'olwekyo Nja kwanguya nga bwe kisoboka.

Kubanga, Nnina ekiro kya Mande, olw'okubiri ekiro, Olw'okusatu ekiro, n'ebirala, wiiki eno, bwe kityo Nneesiga nti Mukama Ajja kutuwa omukisa. Tugenda kusabira abalwadde. Tugenda kubuulira Kristo, bw'Aba ayagadde, bwe kubeera okwagala Kwe, mu maanyi gonna og'okuzuukira Kwe nti Ajja kutukkiriza okukola. Era na buli ky'Anaatuwa okukola, ekyo twagala okukikola n'omutima gwaffe gwonna. Era Nze-Mmanyi nti Ajja kutuwa omukisa singa tumukkiriza bukkiriza.

5 Era kati nga tetunnaba kubikkula Kigambo, okukisoma, Njagala okwogera gy'Ali nate, nga bwe tukotese emitwe gyaffe era tusirise kati, nga twesiga nti okutabulwatabulwa kuweddewo. Tukizuula, ng'Abakrisitaayo bonna bamanyi, nti omulabe, omulabe waffe, akolera ku buli mukono. Naye, laba, ebintu bwe bityo bwe bibaawo, sirika busirisi. Katonda amanyi ki ki kyonna kye kiri. Laba, tuula butuuzi, Ayinza okubeera ng'abadde alina ekintu ky'Akola ky'oyinza okubeera nga tomanyiiko essaawa eno. Leka twogere Naye.

Kitange, tusaba kaakati nti Ojja kukkakkanya ennyanja, Mukama ow'amaanyi Yesu kw'Ajjira atambulira mu Kigambo Kye kati, ng'atwanjula, mu ngeri empya, ne mu maanyi Ge n'okulabisibwa. Tukisaba kino, nga bwe tusoma Ekigambo Kye, leka kifuulibwe ekiramu eri emitima gyaffe olwa leero, tusobole okumumanya Ye, mu maanyi ag'okuzuukira Kwe. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

6 Kati singa bwe mukyukira mu Kitabo Ekyamateeka Olw'okubiri. Njagala okusoma olunyiriri, oba bbiri okuva mu Kitabo Ekyamateeka olw'okubiri, mu ssuula eya 16 ey'Ekyamateeka Olw'okubiri.

*Okwatanga omwezi Abibu, weekuumenga Okuyitako eri Mukama Katonda wo: kubanga mu mwezi Abibu Mukama Katonda wo mwe yakuggira mu Misiri ekiro.*

*Era onottiranga Okuyitako Mukama Katonda wo, ku mbuzi ne ku nte, mu kifo*

*Mukama ky'anaateekamu…(Munsonyiweko)… Ky'alyeroboza okutuuza omwo erinnya lye.*

*Tolyanga mmere nzimbulukuse wamu nakwo; onoomalanga ennaku musanvu ng'olya emmere eteri nzimbulukuse wamu nakwo, ye mmere ey'okunakuwala; kubanga wava mu nsi y'e Misiri mu ng'oyanguwa: ojjukirenga olunaku lwe waviiramu mu nsi y'e Misiri ennaku zonna ez'obulamu bwo.*

*So tewalabikanga gy'oli kizimbulukusa mu nsalo zo zonna ennaku musanvu; so tewasigalangawo ku nnyama, gy'onottanga ku lunaku olw'olubereberye akawungeezi, okusulawo okukeesa obudde.*

*Tottiranga Kuyitako munda w'oluggi lwonna ku nzigi zo Mukama Katonda wo z'akuwa: Naye mu kifo Mukama Katonda wo ky'alyeroboza okutuuza omwo Erinnya Lye, eyo gy'onottiranga Okuyitako akawungeezi, enjuba ng'egwa, mu biro bye waviiramu mu Misiri.*

7 [Omwana omuto akaabira, mu kibiina -Omuk.] Tulinga abalina omutawaana nate. Nzikiriza nsobola okuleekaana n'okusinga ekintu ekyo. Uh-huh

Kyakuyiga kya njawulo kye Njagala okwogerako katono, ettuuntu lino, kiri ku: *Ekifo Katonda ky'Ataddewo okumusinza.*

Kaakati, kino ssi kya bulijjo. Naye nga bwe njogeddenga, emirundi mingi emabega, nti Katonda bulijjo atuula mu mbeera ezitali za bulijjo, ebifo ebitali bya bulijjo, Akola ebintu ebitali bya bulijjo, kubanga Ye ssi wa bulijjo. Bulijjo abamukkiriza, beeyisa mu ngeri etali ya bulijjo. Waliwo bingi, ebintu bingi bye tuyinza okwagala okwogera ku butabeera bwa bulijjo Bwe. Naye mmanyi nti bonna, abo abalina obumanyirivu gy'ali, bamanyi nti Ye ssi wa bulijjo, akola ebintu ebitali bya bulijjo, ebiseera ebimu mu budde obutali bwa bulijjo. N'olwekyo twesiga leero nti Katonda Ajja kuwa omukisa bino, okusoma kw'Ekigambo, n'ekyokuyigako kye nnonze okwogerako gye muli.

Kaakati, kye ndowooza ekyo ekireese emitawaana wano, kyali, basalira eyo ezo entambi ezikwata amaloboozi, ne basika busisi amasannyalaze okugaggya mu muzindaalo. Bwe kityo, bwe batakitereeza, lwaki, mujja kumala gampulira. Katonda Ajja kutereeza amatu gaffe tusobole okuwulira.

8 Ensonga gye Njagala okwogerako ku ky'okuyigako kino, era ky'ekiseera ekirungi okukikola, ku luŋŋaana olwa ba Full Gospel Business Men, kiri nti kubanga amakanisa gonna, oba abangi ku bo, bakiikirirwa mu kibiina kino, ebibiina by'amadiini byonna ebyenjawulo.

Era Nsanga, ebiseera bingi, nti abantu, okubasisinkana ku luguudo, ku nguudo mwasanjala, ku nnyonyi, ku ggaali y'omukka, ku bbaasi, kyokka kye mbabagamba, kiri nti “Muli bakristaayo?”

Omu ku bo ajja kugamba nti, “Kale, ndi mu Methodist. Ndi mu Baptist. Ndi mu Presbyterian. Ndi mu Luther. Ndi mu Pentekoote,” oba ekintu mu ngeri eyo. Era bonna… [Omuzindaalo guleekaana -Omuk.]

9 Buli muntu alina ekibiina ky'eddiini ky'ayagala okukiikirira. Era ekyo kirungi nnyo okukiikirirwa ekibiina ky'eddiini naye, era, ekibi ekikiriko, nti buli muntu alowooza nti ekibiina ky'eddiini kino kye kyokka e-ekigenda mu Ggulu, era kye kyokka Katonda mw'Akiikirirwa, mu byonna, kibiina kya muntu omu. Ndowooza akawungeezi ka leero kayinza okubeera akaseera akalungi okutereeza ekyo. [Ekibiina kikuba mu ngalo -Omuk.] Era oba oli awo y'ensonga lwaki Setaani agenda mu maaso n'okutaataganya omuzindaalo guno. Omanyi, ekintu kyonna omuntu ky'akola kijja kwonooneka, naye Katonda ky'Akola tekyonooneka. N'olwekyo okubeera n'ekiseera ekirungi okukikola, kale, Katonda ajja kutuyamba, era okuyita mu kisa Kye, tujja kugezaako okukola kye tusobola okukyogerako.

10 Kaakati eky'okuyigako kino, okuva mu kitabo ky'Ekyamateeka. Ntegeera nti Ekyamateeka… nga bwe nnina Ebyawandiikibwa ebimu n'ebintu ebiwandiikiddwa wano.

Kyateranga okubeerawo nnalinga mbirowoozaako mangu nnyo, naye okuva bwe nnayisa abiri mu etaano, omulundi ogw'okubiri, kinfuukira kizibu nnyo okujjukira ebyo byonna. N'olwekyo, Nnyingira mu kisenge ne nsaba. Olwo bw'Ampa Ebyawandiikibwa, mbiwandiika, oba oli awo akapapula, bwe mba nako, kiyamba endowooza yange okusigala nga bwe yabadde ng'Abimpa.

11 *Ekyamateeka* olw'okubeera ekigambo ky'Oluyonaani kitegeeza "amateeka abiri," ekigambo Ekyamateeka. Era Katonda alina amateeka abiri.

Era erimu ku go ly'etteeka ly'okufa, olw'okujeemera Ekigambo Kye. Tukizuula nti, Kaawa bwe yajeemera Ekigambo Kye, kyaleeta okufa. Eryo ly'erimu ku mateeka Ge, "Olunaku lw'oligulyako, tolirema kufa."

Era kati alina etteeka eddala, nga ly'etteeka ly'obulamu, eri okugonda, bw'otakola kintu bwe kityo. Lwaki, okukuuma Ekigambo Kye, ojja kuba mulamu.

Kikkaatiriza ku bintu bibiri, okusinziira ku ngeri gye ndowoozaamu, ky'ekyo, okukuuma Ekigambo Kye oba okujeemera Ekigambo kye.

Erimu ku mateeka gano gaawebwa ku lusozi Sinaayi. Era eddala lya…Eryo ly'etteeka ly'okufa. Etteeka eddala lyaweebwa ku lusozi Kalivaaliyo, eyo etteeka ly'obulamu gye lyaweerwa, okuyita mu Yesu Kristo. Era alina endagaano bbiri.

12 Yalina endagaano ne Adamu, omuntu eyasooka ku nsi. Era endagaano eyo yaliko obukwakkulizo, "Bw'okola kino ne kiri, Nja kukola kino ne kino." Adamu yalinanga okubaako ky'akola okusobola okukuuma endagaano eno okubeera ennamu mu maaso ga Katonda. Yalina okutambuliranga mu makubo ga Katonda, ng'akuuma Ekigambo Kye kyonna, obutamenyako yadde ekigambo ekimu.

Naye olwo Yakola endagaano endala, era eyo yagikola ne Ibulayimu. Endagaano eno teyaliiko bukwakkulizo, naye si yabukwakkulizo. Katonda yawa Ibulayimu endagaano eno, nga teriiko bigisiba, n'akamu. Si yabukwakkulizo! Si, "Nja." "Mbadde! Mmaze okukikola."

Era eryo ly'etteeka Abakristaayo lye bateekeddwa okubeeramu. Si ekyo kye tukola ffe, naye ekyo Ky'Atukoledde. Kristo yamala dda okusaddaakibwa Si nti, "Ajja." Yamala dda! Kintu ekyaggwa. Yabeerawo, n'Afa, n'Azuukira, n'Agenda mu Ggulu, Akomyewo mu ngeri y'Omwoyo Omutukuvu. N'olwekyo mulimu ogwaggwa, ne Katonda. Kristo ataamanya kibi kyonna, Yafuuka ekibi kyange; nze nsobole okuyimirira mu kifo Kye, Ye yatwala ekifo kyange. Nnali mu Ye, e Kkalivaaliyo, bwe Yafa. Eyo nnali nteekwa okufa Naye, nsobole okutabagana Naye.

13 Naye kaakati tufuna bino byonna ebigambo bye tuyinza okukozesa, eby'okuyigako bino eby'amaanyi, ebyo fenna bye tumanyidde, era n'ebifaananyi eby'amaanyi eby'Ekyawandiikibwa. Naye ettuuntu lino, tutaataganyiziddwa ne kino, ekyo, mu bwenyi bwa bino byonna, Asigala Agamba nti waliwo ekifo kimu kyokka eyo Gy'Ajja okukusisinkanira, mu bwenyi bw'endowooza zaffe zonna ez'enjawulo. Tubadde n'enkola y'Abayudaaya. Tubadde n'enkola y'AbaMuhamed. Tubadde ne… Tulina buli kika kya biyiiye n'ebibiina by'amadiini, amakanisa n'ebirala, naye nga ate Katonda Yagamba nti waliwo ekifo kimu kyokka w'Ajja okukusisinkanira. Bw'obeera nga toli wa Kkanisa yange, Ta-Tajja kukusisinkana. Olina-Olina okubeera mu kibinja kino oba si ekyo Ta-Tajja kukusisinkanira eyo. Oba Tajja kukusisinkanira wantu walala wonna wabula eyo, waakiri."

14 Era kati tusaanga wano nti Alina ekifo kimu, ekifo kimu kyokka. "Onowaangayo Ssaddaaka mu kifo ekyo Mukama Katonda wo kye Yeerobozza." Kaakati Alina ekifo ekironde eyo gy'Asisinkanira abaana abasinza, era tebaali baakusaddaakira wantu wonna walala naye mu kifo ekyo ekimu. Ekifo kyonna ekirala tekyayinza kukola. Yalina ekifo kimu kyokka eyo gye Yayinzanga okubasisinkanira. Era ekifo kimu, kyokka, eyo gy'Asisinkanira abasinza.

Era awo, ekyo bwe kibeera ekituufu, kisingako twegendereze nnyo nti tuzuule ekifo ekyo. Ndowooza kitugwanira nnyo, ekyo, ng'abantu abamanyi nti tufa, era nga tubeera mu lulyo olufa, nga tubeera mu myaka egifa, nga tubeera mu ggwanga erifa, wansi w'ebendera ey'okufa.

15 Era ensi eno mangu nnyo ddala eteekeddwa okutuuka ku nkomerero. Tesobola kweyongerayo nate. Ekibi kiri mu buziba nnyo. Kisusse essuubi. Tewakyaliwo ssuubi lya nsi. Kiyise ku ekyo.

Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu ali mu kulonderera mu nnimiro, ng'azuula kino era na kiri, kubanga ekiseera kyonooneddwa nnyo. Enjiri ebuuliddwa eri buli ggwanga. Enkola z'ebyobufuzi n'ebirala bikigoberedde, naye ng'ate Enjiri egenze mu maaso nga bulijjo.

Kaakati, mu kiseera eky'oluvannyuma, tulaba ebintu nga bibeera mu ngeri gye birimu, waliwo okulabulwa okw'amaanyi mu balonde ba Katonda, okuzuula ekyo ekituufu. Era kitugwanira okumanya ekyo. Kaakati, si ndowooza ya muntu, naye okumanya kiki ekituufu, kiki Baibuli ky'egamba nti ky'ekituufu. Kubanga, bujja kubeeranga buyise gye tuli ezimu ku nnaku zino, era luno luyinza okubeera nga lwe lunaku, n'olwekyo leka tusseeyo nnyo omwoyo ku kiki Katonda ky'Ayogedde.

16 Jjukira, Katonda bw'Ayogera Ekigambo, abeera tayinza kukizzaayo. Alina okusigala bulijjo nga Y'omu. Tayinza kubaako ky'Agamba, ate olwo n'Agamba nti, "Kale, Nze-Ssaategezezza ekyo ddala." Laba, taliiko kkomo. Amanyi ekisingako, eky'okutandikirako. Twogera ebintu bye tulowooza nti by'ebisinga, olwo

oluvannyuma lw'akaseera ne tubizzaayo. Naye Katonda tayinza kukola ekyo, era Asigala Katonda. Bwe kityo bw'Abeera nga taliiko kkomo, Ye-Takola ekyo, kubanga Atuukiridde mu buli Kigambo. Tafulumya Kigambo kyonna okuggyako nga tekiggwaawo. Abataggwaawo Be bonna baali Naye ku luberyeberye, Ebirowoozo Bye, embala Ze, era nga byonna byerabisa mu nsi olwa leero.

17 Kaakati, jjukira, Alina ekifo ky'Ataddewo, ekifo kimu kyokka eyo gy'Ajja okusisinkanira abaana abakkiriza. Awantu awalala wonna tekijja kukola.

Jjukira, Yesu Yagamba bwe Yali ali ku nsi wano, ng'ayogera eri ekibiina ky'abantu abaali bannaddiini ennyo, abalungi, bannabyabuwangwa, abantu abalina okuyaayaana, okwa Katonda, naye Yesu yabagamba nti, "Munsiziza bwereere," nga muyigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata. Jjukira engeri gye baalimu, bannaddiini abeewaayo ennyo, n'engeri gye baayaayaanirangamu Katonda. Nzikiriza singa tubadde tubala abantu abaalina okuyaayaana okusingawo, olwa leero ne ku lunaku luli, bayinza okusingako ku kuyaayaana okutusinga. Okutusingira wala! Bwe kituuka ku kukuuma obulombolombo n'amateeka, n'ebirala, baabeerangawo ku ebyo. Era baalina okuyaayaana kwa Katonda, era bakkirizanga Katonda. Naye Yesu, Katonda ng'ayambadde omubiri mu ffe, Yagamba nti, "Munsiziza bwereere." Kati, Teyagamba nti tebaamusinza. Baali bamusinza, naye nga bamusinziza bwereere.

Bwe kityo ekintu kyonna eky'obwereere, tekisobola kugenda mu maaso, tekirina kalungi ke kikola. Tolina kukikola, kubanga obeera oyisa biseera byo. Obeera oyonoona mukka gwo, ng'oyonoona maanyi go, okutuusa nga tuzze mu kutegeera kiki kye tukola.

18 Mazima ddala, Katonda bw'Abeera ng'asuubira abantu okubeera nga batuukiridde, nga Yesu bwe Yagamba nti "Mubeere batukuvu nga Kitammwe ali mu Ggulu bw'Ali Omutukuvu," walina okubeerawo enteekateeka awantu awamu. Era Yagamba nti. "Ndyeroboza ekifo abantu we banaansinzirizanga. Sijja kubasisinkanira mu kifo kirala kyonna." Era, kati, ekyo kirina kubeera kifo ekyo, era tuteekeddwa okukinoonya. Tuzuule wa wekiri, olwo tugende eyo. Era ndowooza tuteekeddwa kukyukira eyo, mangu, bwe tuzuula ekifo, ebintu ebirala tubireke byokka.

Kaakati, Jjukira, Yesu yagamba mu Kyawandiikibwa ky'ekimu wano we nnokola. Obulombolombo bw'omuntu olwo bwa bwereere. Tetulina kwesiriwaza na bwo. Weetaaga okubeerawo, awantu awamu, ekifo ekimu ky'Atuteekeddewo ku lwaffe, nti tusobole okujja tusinze era tusembezebwe. Kaakati Jjukira, wabweru w'ekifo ekyo ekirondeddwa, si nsonga oli mwesimbu otya, oli muvvuunuzi wa byawandiikibwa otya, okyasinziza bwereere.

Mmanyi ekyo kiwulikika bubi. Naye, ekizimbe kinaatera okumalirizibwa, tetwagala kinyenye. Leka tukinyweze n'Enjiri, kibeere nti abantu bwe bakusisinkana ku luguudo, oba wonna w'oli, mmwe Abakristaayo, nti ojja kubeera nga olina eky'okuddamu kyabwe.

Mu ssaawa mwe bagambira, "Oo, kino kye kiri. Era ndabye bano nga bakola kino, era nga bakola ekyo," Ddala bino byonna birina okubeerawo. Naye waliwo ekifo ekiteekeddwawo Katonda yekka, era ekyo ky'ekifo Katonda w'Asisinkanira abasinza, wokka.

19 Weetegereze olunyiriri olw'okubiri, "Musinzizenga mu kifo ekyo kye nneerobozza." Okweroboza ki? Mu kifo kino kiraga nti Alina ekifo abantu bonna we basinziriza. Ebifo ebirala bya bwereere. "Era mu kifo kino ky'ekimu," Yagamba nti, "Nneerobozezza era okutuuzamu Erinnya Lyange mu kifo kino. Nja kweroboza ekifo era nja kutuuzamu Erinnya Lyange, mu kifo kino ekyo mw'alina okusinziriza.

Era, kino kiraga nti waliwo ekifo kimu, kimu kyokka. Kuteekeddwa kubeera kweroboza kwa Katonda; tekusobola kubeera kwaffe. Tetulina kusalawo wakujja; Yakironda dda. Kaakati, ekyo Katonda ky'Alonda kituufu. Nsobola okulonda obubi, naye Katonda tayinza. Alonda bulungi. Mu byonna, kiri nti, Ye y'Asinzibwa. Ng'Alina ekifo w'Ayagala abasinza Be okusisinkana nabo, era tuteekeddwa okumusisinkanirsa eyo. Ekyo ky'ekifo kyokka ky'Abeeramu; ekifo kyokka mw'Ajja okukuwulirira.

20 Ka twetegerezeemuko wano, "Ekifo kye Nnonze okunsinzirizaamu, Nja kutuuza omwoErinnya Lyange."

Oo, kaakati leka tunoonye ekifo ekyo mu Byawandiikibwa ekyo mw'Atuuzizza Erinnya Lye. Kaakati tulina ebisiikirize n'ebifaananyi, okuyita mu Baibuli yonna, tukimanyi ekyo, mu bifo eby'enjawulo gye Yasisinkaniranga abantu, naye leero, ekyo si ky'ekifo w'Ajja okubasisinkanira. Kubanga byali birina kye bikiikiridde, okujjira ddala mu kifo ekyannamaddala awo w'Asisinkanira abantu, ekifo, ekkanisa gy'alina okusisinkaniramu. Era waliwo ekifo, waliwo Ekkanisa, eyo Katonda gye Yasuubiza okusisinkaniramu abantu mu kifo kino era ayanukule okusaba kwabwe, singa bajja buzzi mu kifo kino ne bamusinza

Kaakati tukizuula nti waliwo bangi abagamba nti-nti balina ekifo, Erinnya lya Katonda mu kifo kino. Naye, olaba, batuuza Erinnya lya Katonda munda eyo. Waliwo enjawulo nnene Katonda w'atuuza Erinnya Lye, n'omuntu omu w'alituuza. Laba? Tuteekeddwa okujjukira nti Katonda yagamba, Alituuza. "Nja kutuuzamu Erinnya Lyange. Ndi tuuza Erinnya Lyange mu kifo kino. Era ekyo ky'ekifo kye Nnalonda, nga kye Nnonze, abantu we balina okusinziza."

21 Kino, kituleeta okutunuulira ebifaananyi bino eby'ekiseera, nga bituleetera Kristo okumulaba. Endagaano enkadde yonna yalanga Yesu. Mu Misiri, ekiro ekyo bwe waalina okubaawo o-omwana gw'endiga ogw'okuyitako nga gwa kuttibwa olw'obukuumi bw'abantu, tukizuula nti Katonda yalina ekifo kimu, akakwakkulizo kamu. Si nsonga wali muto kyenkana wa, Kabona yali mukadde kyenkana wa, munnaddiini, kyonna kye wali, oteekwa okubeera mu kifo kino. Byonna ebiri wabweru w'ekifo kino, byazikirira. Oteekeddwa okubeera mu kifo kino ekimu, ky'Ataddewo.

Kaakati, tuyinza n'okumala obudde bungi, akawungeezi ka leero, mu kunnyonnyola ekyo, mu kifo ky'okwejjukanya ekyo kye tumanyi, bw'atyo Kristo bwe yalangibwa mu bifaananyi. Omwana gw'endiga ogwa ssaddaaka, engeri gye gulina okukuumibwamu, ensajja etaliiko bulemu, era n'engeri abakadde gye balina okugittamu, era n'engeri omusaayi gye gulina okumansirwamu ku luggi, byonna nga biranga okujja kwa Kristo. Era wansi w'omusaayi guno ogwayiika we waali ekifo Katonda we yasisinkanira abasinza, malayika w'Okufa ng'ayita mu nsi.

22 Nzikiriza nga tuli beetegefu okufuluma okuva mu Misiri, olumu ku nnaku zino, ne tugenda mu nsi ensuubize. Era ky'ekiseera ffe tutuuke mu kifo ekituufu, era tute bino eby'okulwanaganira wano, “Ndi Mu Presbyterian. Ndi Mu Methodist. Ndi Mu Baptist. Ndi kino. Ndi ekyo oba ekirala.” Kifulumemu, era ozuule wa ekifo kino wekiri, kubanga wonna waliwo okufa ng'oggyeeko ekifo Kye kye yeeroboza. Okufa kujja kukubira ddala ensi, bwe tuba tetuli mu kifo Kye kye Yeerobozza. Naye awo we yeeroboza, okufa tekuyinza kujjawo.

Ssinga weetegereza mu mwana gw'endiga ogwa ssaddaaka, okufa kwali kwakyalayo dda. Okufa kwali kuzze mu kifo kino kubanga omwana gw'endiga gwali gufudde. Okufa kwali kumaze okukyala. Bwe kityo okufa gye kwali kwakyala, olwo Katonda n'Asuubiza nti ekyo kijja kubeera ekifo Kye. Olwo, Ye mu lwatu, tulaba kaakati kiki omwana gw'endiga ogwa ssaddaaka kye gwali, ekifo ky'obulamu kiki kye kyali mu kaseera ako.

23 Kaakati, eri Nze, kino kiggyawo enkaayana zonna. Nga Kristo ali mu lwatu, olw'okubeera omwana gw'endiga ogwa ssadaaka, olwo ekyo kiggyawo ebibiina by'amadiini byonna, ebiyiiye byonna, ebigunje byonna, okutwalirizibwa ekkanisa. Kiggyawo ekintu kyonna. Ekyo kituufu, tusanga, wano, Ye ng'Ali mu lwatu, Ye ky'Ekigambo kya Katonda ekitali kijungulule. Omutukuvu Yokaana 1, yagamba nti, “Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'Aba Katonda. Kigambo n'Ayambala omubiri n'Abeera gye tuli.” N'olwekyo Ye Kigambo kya Katonda ekitali kijungulule nga kyambadde omubiri, nga kirabisiddwa.

Era kino mu lwatu, tuyinza obutakigatta ekyo na kkanisa yonna mu nsi olwa leero, ekibiina ky'eddiini. Ekifo kyonna bwe kityo, tetuyinza kukigatta, kubanga si bwe kiri. Tuteeka Erinnya lya Kristo ku kizimbe, ne tukiyita amakanisa ga “Kristo,” era kino, ekyo, oba ekirala. Ekyo tekikifuula kyo. Ekyo tekikikola, n'akamu. Naye Katonda bw'Ateeka Erinnya Lye u kintu, ekyo ky'ekikola.

24 Kaakati, tewaliiwo kintu mu Baibuli ekiyinza okwefaanaanyiriza ebibiina byaffe eby'omulembe, ng'oggyeeko Babbulooni. Ekyo ky'ekifaananyi kyokka mu Baibuli eky'ebibiina byaffe eby'omulembe, eddiini enkolerere, kubanga yakolebwa Nimuloodi n'obumu obukake mu bannaddiini. Era ekyo ebiyiiye n'ebibiina by'amadiini byaffe kye bikola leero, okukaka obumu, “Obeera owa kino oba si ekyo fuluma!” Era wetulaga kati, nga bwe tulaba, kwe kukakibwa okuyingira mu bumu bw'akyo obwamaanyi. Naye ate ago ge magezi amakolerere ag'omuntu, era tegasobola kuyimirira. Si kwagala kwa Katonda. Si pulogulaamu ya Katonda, si nsonga abantu bagezaako batya okugamba nti kye kyo. Si kye kyo. Tekisobola kubeera. Tekisobokera ddala, kyo okubeera. Katonda Yali tayinza kuteeka Linnya Lye mu kintu ekiringa ekyo ekigaana Ekigambo Kye. Katonda ayinza atya okubeera mu kintu ekigaana Ekigambo Kye kyennyini? Tasobola kukikola ekyo.

25 Bwe kityo tukizuula, tekikwata ku Kkanisa yonna, ey'Abamethodist, ey'Abaptist, ey'Abapresbyterian, ey'Abpentekoote, ey'Abakatoliki, ey'Abayonaani Ab'Othodox, kyonna kye kiyinza okubeera. Si kifo kya Katonda eky'okusinza, era.

Kaakati leka Katonda, Eyakola ekisuubizo kino, aveeyo akikakase, nti kituufu. Eyo y'engeri ey'okukikolamu. Bw'abeera ng'Akyali Katonda, Akyali Katonda! Bw'Aba nga Yali Katonda, Asigala Katonda.

26 Era kaakati tulaba eno eddiini enkake, gye tulaba mu lwatu kati, okuleeta obubinja obutono bwonna mu “bumu obw'amaanyi,” bakiyita. Abamu ku bo bakkiririza mu kino, ate abalala bakkiririza mu ekyo; abamu beegaana kino, abalala beegaana ekyo. Baibuli yagamba, “Ababiri bayinza okutambulira awamu wabula nga batabaganye?” Tekirikola.

Tulina okubeera mu kukkaanya. Era kukkaanya na kiki? Si kukkaanya omu ne munne, okusinga ennyo, tulina kubeera mu kukkaanya n'Ekigambo, ne Katonda. Ekyo bwe kirina okubeera eky'okukkaanya nakyo.

Kati tukizuula nti obumu obukake bwakiikirirwa ebibiina by'abantu e Babbulooni. Katonda tayinza kutuuza Linnya Lye mu kintu ekiringa bwe kityo. Takikolangako era Talikikola. Wadde bakigezaako, bateeka erinnya lyabwe mu kyo, okuteeka Erinnya Lye mu kyo, naye tekiri bw'ekityo.

Naye tuteekeddwa okuzuula wa gy'Atuuza Erinnya Lye, kuba ky'ekifo era ekifo kyokka ekyo ky'Ateereddewo Abakristaayo okujja, n'abaana abakkiriza, ne bamusinza Ye mu kifo kino. Ekifo kino kyandibadde kiki?

27 Kaakati okukinyweza, tuteekeddwa okutwala Baibuli yonna okukinyweza ekyo kye ŋŋenda okwogera. Ekifo ky'Alonda kiri mu Kristo, mu Yesu Kristo. Kiri mu Ye, Mutabani We; Mutabani wa Katonda, Yesu Kristo.

“Kale,” wagambye nti, “Nnalowoozezza Ekyawandiikibwa kisoma wano nti Yagamba Alyeroboza ekifo, Alituuza omwo 'Erinnya' Lye.”

Kale, omutabani bulijjo atwala linnya lya kitaawe. Erinnya lyange nze Branham kubanga kitange yali Branham.

Era Yesu yagamba nti Yajja mu Linnya lya Kitaawe. Omutukuvu Yokaaana 5:43, “Nze najja mu Linnya lya Kitange ne mutansembeza,” N'olwekyo y'eyo wa Katonda gye Yatuuza Erinnya Lye, wansi wa ssadaaka ey'Omwana We Ye! Ekyo ky'ekifo kya Katonda kyokka ekiteekeddwaawo. Eyo abantu gye basisinkanira Katonda, mu Kristo. Ekyo ky'ekifo Kye ky'Ataddewo. Tewali kibiina kya ddiini, tewali kiyiiye, oba ekintu ekiralakyonna, Katonda w'asuubizza okusisinkanira. Mu Yesu mwokka mw'Ajja okusisinkanira, ekyo ky'ekifo kyokka Erinnya Lye mwe liri.

28 Era tuwulira Yesu, nga bwe ngoberera Ekyawandiikibwa, mu Yokaana, Yokaana essuula eyo 5 n'olunyiriri olwa 43, Yagamba nti, “Omulala bw'alijja mu linnya lye, era oyo ku bubwe mulimusembeza.” Tusobola okwegatta ku kiyiiye, “Omulala,” tusobola okwegatta ku ku kibiina ky'eddiini, ojja kumusembeza; naye bw'osembeza Yesu, kya njawulo. “Omulala bw'anajja, 'Nja kugamba Ndi mu Methodist, Ndi mu Baptist, Ndi Mu Prebysterian,' ojja kusembeza ekyo kirungi. Naye Nzijja mu Linnya lya Kitange, nga nkola ebyo kitange bye yagamba nti bye ndikola, ne mutansembeza.” Yagamba nti, “Yokaana yajja, era yalina abajulirwa bangi, naye Nnina omujulirwa omukulu mu Katonda-mu Katonda n'okusinga Yokaana bwe yakola. Ekyo Kitange ky'Ampadde okukola, ekyo kye nkola” ebigambo ebyamuwandiikibwako Ye, ky'Ateekeddwa okubeera mu lunaku olwo. Kuba Yali…

29 Erinnya Lye yali Katonda. Katonda Alina ebitiibwa bingi. Katonda kitiibwa, ku bwakyo, yali ayitibwa, Yakuwa-Omugabirizi, Yakuwa Omuwonya, Yakuwa Eyeerabiza. Yali ayitibwa ekimyula kya Saloni, eddanga ly'omu Kiwonvu, Emmunnyeenye eyaka ey'enkya; Alufa ne Omega, ow'oluberyeberye era omukoobezi; olwo Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu; ebitiibwa bino byonna.

Naye Erinnya Lye, Erinnya lya Katonda Ye “Yesu Kristo,” eyafukibwako amafuta. Eryo ly'Erinnya Lye. Yalina ebitiibwa bingi, naye Erinnya Yalina limu, lyokka, “Tewali Linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu, okutulokola.” Tukizuula ekyo nga kituufu.

N'okulabula kuno, nti, “Ono omulala bw'ajja, ajja mu linnya lye ye, 'Methodist, Baptist, Presbyterian, Pentekoote,' n'abalala, ojja ku musembeza. Ojja kwegatta naye.” Naye Kristo bamuyiye. Ekyo bakiyiye.

30 Nnabbi yagamba! Leka tunoonye erinnya lye katono. Nnabbi yagamba nti, “Erinnya Lye Ajja kuyitibwa Emanweri.” Kaakati, Isaaya yagamba nti, nga mu ssuula eyomusanvu. Ne mu Matayo 1:23, wagamba nti, “Kino kyonna kyakolebwa, kituukirize ekyo ekyali kyayogerwa Mukama okuyita mu nnabbi, nga agamba nti 'Erinnya Lye Ajja kuyitibwa Emanweri, ekivvunulwa, ”Katonda ali naffe.“”

Emmanweri, era Erinnya Lye yali Yesu, Katonda ng'Ali naffe, n'Erinnya lya Kitaawe. Yajja mu Linnya lya Kitaawe. Omwo Katonda mwe yatuuza Erinnya Lye, mu Mwana We. Ekyo kye kifo kyokka w'oyinza okumusinziza. Ekifo kyokka Katonda w'Ajja okukusisinkanira, kiri mu Mwana eyafaananyibwa omwana gw'endiga ogwa ssaddaaka. Era okuyita mu Ndagaano Enkadde yonna, byonna nga bireeta ekifaananyi ky'ekintu ekyo ky'ekimu, ekyo nga ky'ekifo kyokka, Katonda, wokka, Yasisinkana wansi w'omusaayi gwa ssaddaaka. Ekifo kyokka we yasisinkaniranga, era ky'ekifo kyoka w'Asisinkanira olwaleero; tekiri mu linnya lya kiyiiye, oba mu linnya ly'ekibiina ky'eddiini, erinnya ery'ekkanisa, oba erinnya ly'ekibinja, oba erinnya ly'abantu abamu, naye mu Linnya Lya “Yesu Kristo!”

31 Ekyo nnakirozaako bwe nnali omwana omuto. Bulijjo mpulidde ku mbeera y'okwogerezeganyamu n'emyoyo gy'abafu eya Setaani, engeri gy'akolamu ebintu. Era nnamanya nti bwe waba waliwo Katonda, wateekedddwa okubeerawo ne Setaani, kubanga Baibuli egamba nti waaliwo Setaani. Era oyo, Nnalowoozezza… nnawulira ku bano aboogerezeganya n'emyoyo gy'abafu. Nn'agendako eri abamu ku bo, ne nkizuula nti baali bafere, tewali kirala, wabula ekibinja ekinene eky'abeefuula obwefuuzi okubeera abakkiriza. Naye Nnakizuula nti waaliyo abamu ku bo abaali abaddala.

Era nnali ku lusiisira olunaku lumu, eyo Nze n'omuweereza gye nnagenda okubalaba eyo. Baali bayimusizza emmeeza waggulu okuva ku ttaka, era baalina eggiraasi z'omwenge nga zitudde ku mmeeza; ne bafuna emmeeza eyo, ne bagikyusa n'ebirala. Era endongo ey'olukoba ng'esindogomera mu kizimbe; n'engoye z'abantu. Byonna byali waggulu, mu kisenge. N'agamba ono eyaliko omuzimu, “Nsomooza omuntu yenna okugikoona ekke wansi.”

32 Abasajja babiri baagamba nti "Nja kugikoona ekke wansi." Nebagikwata awo nga mu magulu bwe batyo, ne bagezaako okuginyweza. Neetayinza. Lwaki, emmeeza eyo yabasuula ku ttaka.

Totuula butuuzi wansi. Bw'oba nga tobeerangako mumisane kubeerako eyo mu kisaawe ky'enjiri, kintu kimu ky'omanyi ky'ekirowoozo kya Setaani. Bw'otunuulira abamu ku bantu bano. Nga batambula ku nguudo, osobola okumulaba. Naye Setaani gyaali! Ddala bwe kiri.

Era abantu basinza Setaani, tebamanyi na kye bakola. Basinza Setaani mu makanisa, "nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata, ebiyiiye-ebiyiiye n'obulombolombo." Nne ŋŋamba…

33 Omukazi ono n'andeekaanira, n'agamba nti "Baŋŋamba nti oli mubuulizi." Ne ŋŋamba nti "Ndi."

N'agamba nti "Olwo bw'obeera tosobola…" n'agamba nti "Kino okirowoozaako ki?" Ne njogera nti "Oyo Setaani."

N'agamba nti "Kale, olwo, bw'obeera olina amaanyi mangi, gikoone ekke wansi."

Ne ŋŋamba nti "Ssirina maanyi gonna, n'akamu Ssirina maanyi, naye ndi wano okukiikirira Agamu."

Ne ŋŋamba, "Mukama Yesu, Wagamba mu Mutukuvu Makko essuula ya 16, 'mu Linnya Lyange bajja kugoba emizimu." Ne ŋŋamba nti "kaakati, omuweereza wo ategeere, ng'olutalo bwe luli mu maaso gange!"

Ne ŋŋamba nti "Ndagira entebe eyo okugwa wansi, mu linnya 'ly'ekkanisa entukuvu'" n'esigalawo awo. Ne ŋŋamba nti "Ndagira entebe eyo okugwa wansi mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." N'esigalawo awo. Ne ŋŋamba nti "Ndagira entebe eyo okugwa wansi, mu Linnya lya 'Yesu Kristo,'" n'egwa wansi amagulu gonna ana ne gavaako!

34 "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu! Eryo ly'Erinnya Lya Taata. Atuuza Erinnya Lye mu Yesu Kristo. Era mu Ye mw'Asisinkanira, okusinza. Mu Ye mw'Asisinkanira, okugoba emizimu. Mu Ye mw'Asisinkanira, okuwonya abalwadde. Mu Ye mw'Asisinkanira, okulokola. Mu Ye mw'Asisinkanira okulokola, okujjuza n'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo ky'ekifo kya Katonda abantu mw'Asisinkanira abantu okusinza. Kaakati tukizuula nti Yesu era yagamba nti… Ekigambo, Erinnya Yesu, litegeeza "Yakuwa-Omulokozi," Yakuwa Omulokozi.

35 Jjukira, "Tojja kusinza Mukama…" Lwaki? Olunyiriri 5, "Tojja kusinza Mukama mu miryango gyonna, egyo Mukama Katonda gy'Akuwa. Emiryango gyonna, toomusinzirizengamu," Katonda Yagamba mu lunyiriri 5 wano, mu Ekyamateeka 16. "Toomusizirizenga mu miryango gyonna, egyo Mukama Katonda gy'Akuwa. Bino abikuwa olw'okukemebwa," Tugenda kuyingira mwu ekyo, wiiki eno, Mukama ng'Ayagadde, tulabe oba nga Katonda azzaayo ekigambo Kye emabega, oba nedda. Weetegereze, emiryango agikuwadde, naye tosinziriza Mukama mu gimu ku egyo, kubanga Mukama Katonda wo tagenda kukusisinkanira eyo.

Naye Mukama Katonda alonze omulyango. Alonze oluggi. Yesu Yagamba, mu Mutukuvu Yokaana essuula 10, "Nze mulyango gw'ekisibo. Nze mulyango ogwo." Ye Yakuwa Omulokozi.

36 Kaakano tuyinza okweyongerayo okumala essaawa eziwera, okunnyonnyola ekyo. Naye nkakasa okitegeera, olw'ebikolwa byo, anti o-ojja kwanukula eri Amazima n'eri Ekigambo. N'olwekyo tetujja kweyongerayo nnyo, osobola okukitwala nga bw'oyagala. Buli w'odda bwe gaba nga Mazima, gajja kukwatagana bulungi n'Ekigambo. Tosobola kuleetera Baibuli okwogera ekintu ekimu mu kifo ekimu, n'ekintu ekirala, ne kikontana n'ekyo kye Yayogera mu kusooka. Kiteekeddwa kubeera ky'ekimu ekiseera kyonna.

37 Nzigyamu Ebyawandiikibwa bingi wano, kubanga ndaba obudde buyita. Ate mwannyinaffe n'abalala balina okusaba wano ekiro kya leero, era twagala okusabira abalwadde. Ky'ekyo, tuzuule, Billy, bwe baba balina bu kaadi obw'okusabirwa.

[Omuntu omu agamba, "Terii kusaba kiro kya leero." -Omuk.] Tewali kusaba. Kirungi. Kirungi, kirungi. Kale. Kati ka tukizuule. Kale. Kale. [Ekibiina kikuba mu ngalo] Twesiga Mukama nti Ajja kuwa omukisa omukyala ono olwa kino, okutuwa ekifo kino, okutuwa akaseera kano.

38 Waliwo obukakafu bungi obutatankanibwa nga Yesu Ye kifo. Ye mulyango, Ye Linnya, era Ekkubo lyokka Katonda ly'Alina eri omuntu okusisinkaniramu okusinza. Ye ly'Ekkubo, n'Amazima, n'Obulamu; Omulyango, Oluggi; Alufa, Omega, Ow'olubereberye era Omukoobezi; Ekimyula kya Saloni, Eddanga ly'omu Kiwonvu, Emmunyeenye eyenkya; Alufa ne Omega. Ye byonna, byonna nga kiteekeddwa wamu. Ye byombiriri ekikolo era n'ensigo ya Daudi, Emmunyeenye Eyaka Eyenkya. Mu Ye mwe mutuula Obulamba bwa Katonda, mu mubiri, eyo ffe gye tuli abatabani era bawala ba Katonda, mu bulamba bwa Katonda. Yee. Nga batabani era bawala ba Katonda, tuli mu maka, bw'oba mw'oli omwo.

39 Kati tutuuka tutya mu kifo kino eky'amaanyi okusinza? Ekyo ky'ekibuuzo ekiddako. Tutuuka tutya mu kifo kino, Yesu bw'aba nga kye kifo? Ye ye Linnya Lya Katonda. Ky'ekifo kya Katonda eky'okusinza. Era ye

mulyango Yekka gw'ekisibo. Era twagala okuzuula engeri gye tuyingira mu Ye.

Kaakati, bwe mubeera mu mulyango, ddala, mujja ng'amaka, nga bwe twali twogera luli ku, e… oba ku ky'enkya, ekikwata ku kaliga akato, nti Katonda teyayinza kuggala luggi okutuusa ng'azudde endiga eyo ento, n'Agiyingiza. Bwe muyingiramu, mufuuka maka. Muli maka ga Katonda bwe mujja mu Katonda. Naye temuyinza kuba maka ga Katonda ate ne mubeera Abapresbyterian, Abamethodist, Ababaptsit, n'Abapentekoote. Temusobola kukikola. Mulina kujja mu Yesu Kristo.

“Kale” ogamba, “twakikola.” Tujja kulaba oba wakikola.

40 Leka tuzuule kiki Baibuli ky'egamba kati. Tuzuula mu Abakkolinso Ekisooka, essuula ya 12, Baibuli yagamba nti “Mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu.” Tubatizibwa okuyingira mu mubiri gwa Kristo, mu Mwoyo omu Omutukuvu. Tetusuulibwamu, tetugattibwamu, tetubatizibwa na mazzi okuyingiramu. Tubatizibwa n'Omwoyo Omutuvu, okuyingira mu mubiri gwa Kristo.

Kikutwalira bbanga ki ng'oli munda eyo, okutuusa bwe weeyisa obubi? Abaefeso 4:30 wagamba, “So temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu owa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olw'okununulibwa.” Wakana Naye, naye si Nze. Ekyo kye kigamba. Nkisoma. Kale. “Wateekebwako envumbo okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa,” okutuusa olunaku Yesu lw'anaakukima. Kale, kirowoozeeko,

41 Olw tokyali ggwe, oli kitonde kiggya, eyo mu Luyonaani kitegeeza “Ekitonde ekiggya.” Otondeddwa nate. Amaanyi ga Katonda gakukkako, n'otondebwa, nga kitonde kiggya; nga kireetera ekintu kyonna mu mubiri, ne mwoyo na buli kimu, okugondera Ekigambo kya Katonda. Si ngeri ndala!

Oyinza otya okugamba nti oli Mukristaayo, ate n'ojeemera Ekigambo Kye mu kintu ekimu? Buli eyajeemera etteeka erimu ku go, yasingisibwa omusango gwa gonna! Yesu yagamba nti “Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.” Si kitundu butundu ku Bigambo; buli Kigambo! Anti yagamba mu Kubikkulirwa essuula 22, “Era omuntu yenna bw'aggyangamu mu bigambo eby'ekitabo eky'obunnabi buno, oba bw'ayongerako ku kyo, omugabo gwe gujja kuggibwa mu kitabo ky'obulamu.” Tetuli bakuggya mu Baibuli, oba okwongerako ku yo. Yogera bwogezi ky'egambye.

42 Era mu Abakkolinso 12, ky'agamba, “Okuyita mu Mwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu mubiri gumu.”

Kaakati ng'omaze okubeera mu mubiri guno, Abaruumi 8:1 kigamba nti “Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambulira mu mubiri, naye abatambulira mu Mwoyo.” Ekifo kiikyo awo omutali musango. Oba ogenze mu Methodist, mu Baptist, Kkanisa yaba Presbyterian, wonna w'eri; bw'obeera mu Kristo, oli kitonde kiggya, era toliiko musango, wadde n'akamu. Ekyo ky'ekifo kya Katonda eky'ensisinkano. Awo Katonda w'Asisinkanira abasinza. Awo w'obalibwa okuba ekitonde ekiggya, kubanga baafa eri ebintu by'ensi. Balamu mu Ye. Okubeerawo kwa Katonda okulamu kuli nabo, buli lunaku.

Abeera mu bo, okuyita mu mirembe gyonna. Buli mulembe ogujja, okuyita mu Baibuli, omuntu bw'asisinkana ekyetaago kya Katonda, ajja mu kifo ekyo kye Yateekawo mu Kigambo Kye ekiwandiike eky'olunaku olwo, Katonda afuula omuntu oyo okubeera ekitonde ekiggya, era talina musango. Tunuulira Yobu.

Ssibalekaanyizza engeri gye ndi mu mizindaalo gino? Munsonyiwe olw'ekyo. Mmanyi nti eddoboozi likomawo bukomi wano. Nkiwulira wano, nze kennyini.

Naye, tunula. Yobu, ng'oggyeeko abantu bameka abaagezaako okumunenya, bameka abaagezaako okugamba nti mukyamu, yali akuuma ebiragiro bya Katonda, okuyita mu kiweebwayo ekyokebwa. Yamanya nti yali aggiddwaako omusango, kubanga yali akuuma ebiragiro bya Katonda. Y'eyo engeri gye yaggibwako omusango, kubanga yali akola ebintu Katonda bye yayagala akole.

43 Okubeerawo kwa Katonda okulamu kumulisa olunaku, buli lunaku, okuva mu kufa kw'ebiyiiye, n'eri obulamu eri Ekigambo ky'olunaku. Kaakati, Katonda Alina ebintu by'Akola.

Nga e-ekimuli ekito, nga bwe nnagambye amakya gali amalala ku kyenkya. Ensigo bw'ejja eri ekitangaala, etandika okukula. Enywa okuva ku nsulo ya Katonda, egenda evaayo okutuusa lw'etuuka ku kitundu ky'akamuli akatanneeyanjuluza, n'egenda ku kimuli, ppaka mu kumulisa.

Kaakati tukizuula, nti bwe tutandika ne Kristo, tukula engeri yeemu, kubanga tukula mu kisa era ne mu kutya Katonda.

44 Enteekateeka ya Katonda yokka eteereddwaawo, ey'omulembe gwonna, ky'Ekigambo Kye. Omwana We yajja n'Alabisa buli kisuubizo ekyo ekyasuubizibwa eky'omulembe Gwe. Bannabbi bonna bajjira ddala mu budde, baali Kigambo kya Katonda ekiramu ku nsi. Baali Kigambo kya Katonda. Yesu yagamba nti baali ba “katonda.” Yesu yayita bannabbi abo, “ba Katonda.”

Omusajja yansisinkana mu lukuŊŋaana olwasembayo lwe nnalina, yagamba nti, "Toli mukugu mu magezi ga ddiini nnungi."

Ne mugamba nti, "Ssaagala kubeera omu." Nne ŋŋamba nti "Ekigambo tekijja eri abakugu mu magezi; amagezi gakikola." Ekigambo kijja… Laba? Ne ŋŋamba nti "Amagezi gajja eri abo abaakuguka mu magezi. Naye," Nne ŋŋamba nti "Twogera ku kintu kirala."

45 Awo nno, tukizuula nti, buli mulembe, Katonda bwe yayogeranga, ekintu ekimu ky'ayinzanga okubeerawo, omusajja oyo wuuno ajja n'akirabisa ekyo, abantu baabwe wano bajja ne babeera ekyo. Oyo yali Katonda mwennyini ng'Ali mu bantu, kubanga kwali kwanukula kwa Kigambo Kye.

Kaakati, enteekateeka yokka eya Katonda, olwa leero, ye Mwana We, okuyita mu Kigambo Kye eky'omulembe guno, nga kizuukizibwa Omwoyo ow'obulamu Bwe, okuzuukizibwa.

46 Kati tulina amasomero ag'amaanyi ag'amagezi. Era ebiseera bingi bwe tukola ekyo… Tewali kikiwakanya, ddala nedda. Naye, olaba, bw'obeera nga olina essomero ery'amagezi…

Yesu yagamba, mu mutukuvu Yokaana essuula 4, "Ekiseera kijja, era kye kino, awo Katonda, olw'okubeera Omwoyo, Ajja kusinzibwa mu Mwoyo ne mu Mazima." Kaakano abantu abamu balina Omwoyo, ng'ate tebalina Mazima. Abalala balina Amazima, ng'ate tebalina Mwoyo.

N'olwekyo kiringa ababadde n'emmotoka ennene, nga tulinako gye tugenda mu kika ky'emmotoka eyebbeeyi eya Cadillac. Era zombi zi Cadillac nga zaakolebwa nga zifaanagana, ne tuzisindika okuva wano netu… okutuuka mu zi ttanka, ne tuzijjuza zonna n'amafuta. N'okoleeza koleezaamu kw'emu. Kale n'otunula ebweru, n'ogamba nti "Entebe eri bulungi. Siteeringi nnungi, erina ebikondo bya dayamondi mu yo. Entebe nnungi… atudde bulungi. N'otuula emabega n'ogenda okwebaka. Era, Oo, ebintu bingi bye wandikoze, buli kimu, naye olaba, ekimu ku byo…Byonna birina ekigambo ekituufu, naye ekimu ku byo kirina amaanyi. Olaba, oyinza okubeera nga omanyi ekigambo, naye kitwala amaanyi okutandika ekigambo, okubireetera okukola.

47 Era ekyo kye kiri ku kkanisa leero. Tujjudde amagezi, nga tetulina amaanyi gonna mu kyo. Ky'ekyo, Laba?

Ekitegeeza nti, olina okubeera n'akakoleeza amafuta, oba amafuta tegakyaliwo okusinga… si na malungi kusinga mazzi, kasita gabeera nga tegalina kagabalusa okugakoleeza. Bwe kityo, eyo y'engeri.

Si nsonga tusomesebwa bulungi tutya, tukkiriza bulungi tutya, era tugamba tutya Baibuli okubeera nga ntuufu, ne tugikkiriza okubeera nga yonna ntuufu, kirina kubeera a-amaanyi galina okubeerawo, akabaluka, okukoleeza Ekigambo ekyo era okukitandisa okwevulunga. Kirina okubeera n'ekyo. Bw'oba tolina, ng'ekkanisa ekyatudde, ng'emmotoka ekyatudde, Ojja kutuula. Si nsonga oyogera kyenkana wa, "Nsaasira. Nzikiriza buli Kigambo ky'akyo." Olina okubeera n'ekintu ekibalusa ekyo, okukoleeza oyo octane ow'ekikumi, era ekkanisa ya Katonda ennene okutambula nga egenda mu maaso. Erina okutwala amaanyi wamu n'ekigambo. Tewali kikyamu na kigambo, naye ebulako maanyi.

Era ndowooza ekyo kye kiri ku kkanisa ne leero, tubulako amaanyi ago, okunyigiriza Ekigambo ne tukireetera okubeerawo mu lunaku luno.

48 Martin Luther yalina ekigambo n'amaanyi, mu lunaku lwe. John Wesley yabirina, eby'olunaku lwe. Aba Pentekoote baakirina, mu lunaku lwabwe.

Ate ku lunaku lwaffe? Kino kiseera kirala! Ekkanisa erina okubeera nga ekulidde ddala kati, nga nneetegefu okugenda okusisinkana Kristo, wamu n'okulabisibwa okwa buli mukisa gwe yasuubiza mu Baibuli, nga gukola mu mubiri ogwo ogumu ogw'amaanyi eyo Gye yasuubiza nti alisisinkanira abantu n'Asinzibwa, mweno ekkanisa Ye ay'amaanyi.

49 Naye, olaba, tusindika abaana baffe ku ssomero, tuyiga okusoma, okuwandiika, n'okubala. Ebyafaayo byonna ebya bannabbi na buli kimu. Ekyo kituufu, naye okuggyako nga wafunye ekintu ekiri emabega weekyo!

"Oo," ogamba, "kale, Nna-Nnaleekaanye. Nnayogedde mu nnimi." Ekyo kirungi. Ekyo Nkikkiriza, nange. Naye ekyo si kye njogerako ate. Laba, ojja-ojja…kijja kuwulikikira kumu kumu. Ogamba, Pulanka-pulanka boompu-boompu,‟ ng'emmotoka enkadde ng'egezaako okutandika. Ogamba, ″Weewaao, Nzikiriza kino. Nzikiriza ekyo, nange. Naye, bwe kituuka ku kino, eby'ennaku ezo, ha, nedda. Nedda!‟

Ye obuzito bw'amaanyi g'alina gali mu kikumi, ow'Oluganda, nga kiringa nti alina jenereeta ye ntuufu, ekyo kijja kukoleeza buli Kigambo kya Katonda mu kisuubizo kyakyo. Ekyo kituufu.

50 Ekyo kye kituliko olwa leero, kyenkana tuzze ku nkomerero. Twagala okukkiriza kino, okukkiriza ekyo.

Ne bwe nkyogerako, nga kikwata ku kino. "Kale, mba simanyi." Kale, Baibuli egamba bwetyo! Ekyo

kimala. Katonda bw'Abeera nga yagamba bw'Atyo, kiriwo kukolebwa. Bwe… Bwe kiba nga Katonda ekyo ky'Agambye okukola, tulina okukola ekyo. Sigala awo okutuusa Katonda ng'Akikoleezezza, olwo butereevu n'otandika okudduka nate, olaba, Bw'otakikola, obeera oyonoonye. Era bwe kityo twetaaga ekintu eky'enjawulo, twetaaga ekintu okutukoleeza.

51 Olwo weetegereze, tajja buzzi na Mwoyo Mutukuvu kyokka, n'okuyiga kw'Ekigambo Kye, Alabisa Ekigambo ekyo. Kaakati jjukira, bannabbi bakkiriza Ekigambo. Baayaniriza Ekigambo kya Katonda. Era Katonda Omwoyo Omutukuvu yajja mu bo n'Akoleeza ekisuubizo ekyo mu bo, n'Akireetera okutuukirira. Ha, abange! Ani agenda okusalira ekyo omusango?

Yesu yagamba nti "Ani ayinza okunnumiriza olw'ekibi? Ekibi bwe 'butakkiriza.' Kyonna Katonda kye yawandiika na buli kimu ba nnabbi kye baayogera, Nze Kyakuddamu. Ekyo kye baayogera kye nkola, Nkikola." Yajja nga nnabbi, Omwana w'omuntu. Ekyo ddala kye yali, era kye Yakakasa okubeera. Yali. Lwaki? Amaanyi gaaliwo okukoleeza Ebikozesebwa. Ye Omwana mwennyini, ne Kitaawe be baali amaanyi. "Si Nze nkola emirimu, naye Kitange Atuula mu Nze. Y'Amansira a-amaanyi n'aleetera ekintu okutambula. Akireetera okutuukirira."

52 "Wa we nnali njogedde ekintu kyonna…" nga Samwiri lumu bwe yayogera eri abantu, "Nnali mbagambye ekintu kyonna, mu Linnya lya Mukama, ne kitatuukirira?" Laba? "Ddi lwe nnali nkyogedde, era kyali kiremereddwa ddi okutuukirira?"

"Ha, ggwe, kye watugamba kyatuukirira, wabula ffe twagala Kabaka mu ngeri yonna."

Bwe kityo bwe kiri ne leero. Abantu baagala kwekwata ku birowoozo byabwe. Baagala kwekwata ku biyiiye byabwe. Baagala kwekwata ku byo. Olwo boogere ku kuzzibwa obuggya mu lunaku lwaffe, tuyinza tutya okubeera n'okuzzibwa obuggya nga kyonna kyonooneddwa mu ngeri gye kirimu? Amafuta agalimu amazzi n'ebintu ebirala mu kyo, buli kika kya ssabbuuni ayoza ow'obuwunga oba amazzi n'ebintu bino byonna eby'omulembe nga bitabuddwa mu kyo.

53 Nnali ntambula ku luguudo olunaku lumu, ne wabaawo okwogera okwayogera, ku biggyamu amabala eby'omulembe, nga ligamba nti "Tolina kwoza bintu, ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kubinnyika ate n'omala n'obinnyululamu."

Nnalowooza nti "ŋŋenda kubeera muzira mu nnyumba yange." Nnagenda ne Nnefunirayo ekibookisi kya bino.

Era ne ŋŋamba mukyala wange nti, "Genda munda, mukwano, nze ka njoze ebintu."

Nnalowooza nti, "Mulenzi, abasajja bali bamanyi kye boogerako, abo bannassaayansi. Nja kumulaga. Nja, ajja… okutuusa ng'akutte mu kino, kye nkola. Kinnyikemu omale okinnyululemu, ekyo ky'olina okukola."

Abaana baali balidde magi ku kyenkya. Ne ngiwamu ssabbuuni ono ow'obuwuunga, ne nnyinyikamu ebintu, ne mmala ne mbiggyamu, ne mbinnyikamu, ne mbiggyamu. Byali bikyaliko amagi. Yee, ssebo. Ssikkiriza kintu kyonna kye mpulira ku Ttivi, n'akatono. Nedda, ssebo. Nedda, nedda. Nedda, ddala.

Y'ensonga lwaki sikkiriza nti enkola yonna ey'omuntu eyinza okuyimirira. Katonda alina ekkubo limu ly'Ataddewo. Si ba Methodist, ba Baptist, ba Presbyterian; naye ye Yesu Kristo, okuyita mu kuzaalibwa okuggya, okukkiriza Baibuli eyo. Eryo ly'ekkubo Katonda ly'Ataddewo, era ekkubo lyokka ly'Alina, liri mu Yesu Kristo, Omwana We. Era, mu Mwana We, mwe Yateeka Erinnya Lye. Eririye! Erinnya lya Katonda ye Yesu, kubanga Yajja mu Linnya lya Kitaawe. Era bwekityo eryo lyandibadde Erinnya lya Katonda, kubanga Yali Katonda.

54 Kale weetegereze, amaanyi ga Katonda gano amakulu agatambula bwe gajja mu mwana wa Katonda, kimuzuukiza, Omwoyo ow'Obulamu amuyingiramu. Awo kikola ki? Kibatuuza mu bifo eby'omu Ggulu, kaakano. Si nti "bajja." Tuli kati. We twogerera, tumaze okuzuukira, amaanyi n'ebikozesebwa biba biri ku mulimu, bituwadde obulamu, era tutwaliddwa mu kubeerawo kwa Katonda, eyo Omwoyo We w'Ali. Era kati tutudde wamu mu bifo eby'omu Ggulu, mu Kristo Yesu; mu Kristo Yesu, nga atudde eyo, eyo entebe ey'amaanyi emaze okukoleezebwa, tuzuukiziddwa okuva mu bafu. Tuli kitundu ku kyo. Bw'obeera oli kitundu ku mugole, ky'obeera, kubanga Omugole omukazi abeera kitundu ku mugole Kawasa, omanyi. N'olwekyo tukizuula nti ky'ekintu ky'ekimu, era ajja kukolera ddala ekyo ekimuteeberezebwamu okukola mu lunaku luno. Tajja kubeera mu Lawodiya, mu ngeri yonna nga si wakibuugumirize. Naye ajja kubeera ku muliro olwa Katonda, ajja kubeera ng'atambulira mu Mwoyo wa Katonda.

55 Kaakati tutunule wano tubeeko kye tuzuula. Kale ka, mu kiseera kino ky'ekimu nti ekyo kikola, kino ekitukwatako; era, bwe, twali lumu tufiiridde mu bibi n'okwonoona, eby'onoono, wadde, ye… twazuukizibwa wamu n'Ekigambo Kye eky'omulembe guno.

Kale nno ka tulowoozeeko e mabega ku biseera eby'edda, eby'omuntu omu eyaweebwa obulamu e

Kigambo kino; nga tetunnabeera na kusaba okw'okusabira abalwadde. Leka tutwale abantu abatono, tutunuulire enneeyisa zaabwe.

56 Leka tutwale omusajja wano eyakuuma Ekigambo kya Katonda kyonna, eyo mu Ndagaano Enkadde, erinnya lye ye Enoka. Yazuukizibwa Ekigambo kya Katonda, nti yalina obujulizi, nga “Yasanyusa Katonda.” Tewaaliwo kintu Katonda Kye yalagira Enoka okukola ky'ataakola.

Nneewuunya ba Enoka bameka abayinza okubeera wano ettuuntu lino, nti bw'obeera omanyi nti kiri mu Kigambo kya Katonda? Bameka ku mmwe abakazi abasalako enviiri abayinza okweyita ba Enoka, laba, laba, era ng'omanyi nti Katonda asala omusango olw'ekyo? Bameka ku mmwe abasajja, abaleka bakazi bammwe okukola ekyo, muyinza okweyita ba Enoka? Ha, abange! Ekyo kintu kimu, ate enkumi? Era ne tubikkirira ekyo nga tugamba nti, “Ndi wa kino, era ndi w'ekyo.” Oyinza okubeera ow'ekyo, naye… okutuusa ng'ozze mu kifo kya Katonda ky'Ataddewo! Era tosobola kuyingiramu okutuusa ng'okufuuse ekitundu ku Kigambo ekyo. Era, okufuuka ekitundu ku kyo, wenna ofuuka ekyo, n'ogondera kyonna. Weetegereze, tulina kino wano Baibuli ky'eyita “Ekigambo kya Katonda,” era, ekyo, ky'Ekigambo kya Katonda.

57 Kaakati tusaanga nti Enoka yajja mu kkubo lya Katonda lye Yateekawo, n'Ekigamno Kye, n'atambulira omwo emyaka bitaano, n'amusanyusa. Era tuzuula amaanyi gaali gatuukiridde nnyo mu Ye, olwo amaanyi bwe gaakola mu yingini, gaamusitula okumuggya ku nsi. N'atwala olubuuka lw'ennyonyi olwasooka, okugenda mu Ggulu. Nga kikolera ku bikozesebwa bya Katonda n'amaanyi Ge, wamu, “Teyaddamu kulabika,” kubanga Katonda Yamutwala okumuggya ku nsi, si na kufa. Ekyo kituufu ddala. Yali atambulira mu kkubo lya Katonda eriteekeddwaawo.

58 Ky'ekintu ky'ekimu kye tuzuula ku Eriya. Eriya omukadde yakaabira bingi ku kwebbyuula kwa Yezebeeri, emisono gy'okusala enviiri n'ebirala, bye baali bakozesa eby'olunaku olwo, omusajja omukadde yamala obulamu bwe ng'anenya ekibi mu bakazi, kubanga baalina omukazi Yezebeeri, eyabawanga eky'okulabirako.

Nga Hollywood wano bw'ekoze, n'ekwata bannyinaze bonna n'ebazingiza mu ebyo. Era, Yezebeeri akyaliwo, osobola okwetolooza amaaso n'olaba nti waali. Era akyali mu maanyi mangi, ddala.

59 Kaakati tukizuula, munnaffe omukadde ono okubeera nnabbi, yali akolimidde ekintu ekyo na buli kimu, n'asigala nga atuukiridde mu kwagala kwa Katonda. Ababuulizi abalala bwe baali banafuye, yasigala butereevu nakyo.

Era olunaku lumu yakoowa nnyo, nti, Katonda Yasindika ekigaali wansi okuva mu Ggulu, n'embalaasi ez'omuliro, ne zimutwala waggulu. Yali ajjudde nnyo amaanyi ago agazuukiza! Lowooza, n'Ekigambo kya Katonda mu mutima Gwe, yajjula nnyo amaanyi ago agazuukiza nti gaamuwa obulamu.

“Ssinga Omwoyo wa Katonda, Ye…” Nzikiriza tusanga mu Abaruumi, 11, oba 1:11, “Oba,” kigamba nti “Oba ng'Omwoyo... oba Baruumi 8:11, wali nti, ”Naye oba nga Omwoyo gw'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu atuula mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo Yesu mu bafu, era ne'mibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu. Ssinga Omwoyo oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu, singa-singa abeera mu mmwe, Ajja kuwa obulamu omubiri gwo ogufa.‟

Okuguwa obulamu! Ekigambo kuwa bulamu kitegeeza ki? Kigambo kya Luyonaani ekitegeeza, “Okuzuukizibwa okukomyawo mu bulamu oluvannyuma lw'okufa.” Aleeruuya. Ogwo gwe mulyango gw'okusinza. Okusinza mu Mwoyo ne mu Mazima, ebikozesebwa n'amaanyi, wamu. Olaba kiki kye ntegeeza?

“Ssinga Omwoyo Oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu atuula mu mmwe, Ajja kuwa obulamu, kuzuukiza, emibiri gyammwe egifa, kubanga Ye bulamu.” Era bw'Ajja mu mubiri gwo, Aleetera omubiri gwo gwonna okumugondera. Okugondera ki? Ekigambo kya Katonda. “Bw'Abeera mu ggwe.” Kaakati bwe kibeera ekintu…

60 Kati muli waliwo ekikugamba nti “Kale, ebyo bya nnaku ezaayita. Era Makko 16 si kituufu, era n'eyo endowooza y'eki Pentekoote ey'okubatizibwa okw'Omwoyo Omutukuvu.” Oyo si Mwoyo wa Katonda akulimu. Sifaayo oli mutendeke kyenkana wa, gwe, Oyo ssi Mwoyo wa Katonda. Ogamba, “Kale, maama wange yali waakino, ne Kitange, okuyita mu myaka, ne muganda wange.” Kyonna ky'oyagala okwogera ku beŊŋanda zo, era n'ebirala ekyo kiyinza okubeera nga kyali kirungi nabo; naye ssi naawe, laba, olina olunaku lwa leero okujja mu Kristo Yesu, olw'omulembe guno era n'ekisuubizo eky'omulembe guno.

61 Weetegereze, tuzuula nti amaanyi gano amakulu agazuukiza gaayingira Enoka, ne gamuwa obulamu n'agenda e waka nga tafudde.

Gaayingira Eriya, ne gamuwa obulamu n'agenda e waka nga tafudde.

Tulaba omusika we Erisa, eyali ekifaananyi ekya Kristo n'eKkanisa, Erisa. Eriya yakola ebyamagero

bina, era Erisa n'akola ebyamagero munaana. Yalina omugabo gwa mirundi ebiri, nga bwe gwafukibwa ku kkanisa. [Bbanga Jjereere ku lutambi -Omuk.] Oluvannyuma baalina omusajja eyafa, ne bamusuula ku magumba ge, n'akomawo mu bulamu. Amaanyi ago agawa obulamu gaali naye mu ntaana. Toyinza…

Bulijjo gye gali, bw'ofuna amaanyi ga Katonda ago agazuukiza, olwo, ozuukizibwa wamu Naye.

62 Kaakati jjukira, mu Kristo, tuli nnyama ya nnyama Ye, ggumba ly'amagumba Ge. Katonda bwe yafumita Kristo e Kkalivaaliyo, yafumitibwa ku lulwo nange. Tuli nnyama ya nnyama Ye, na magumba g'amagumba Ge, omubiri ogw'omubiri Gwe, Linnya ly'Erinnya Lye, Mugole We. Laba, tuli mu Ye, tuli Nnyama Ye na magumba Ge.

Era Katonda yamala dda okutuzuukiza, Ddala. Amaanyi agawa obulamu agaatuzuukiza okuva mu bulamu bw'ekibi, ne gatukyusa, gaatuzuukizza mu Kristo Yesu, nga n'okuzuukira kujja kutuleeta eri okukulira ddala.

63 Kaakano jjukira, twafa mu linnya lyaffe, ne tuziikibwa, era ne tuzuukira mu Lirye. Laba, tetukyali ku bwaffe. Olw'ekyo, eryo Erinnya eryamaanyi erya "Yesu Kristo." Eryo Baibuli lye yagamba wano mu Abaefeso 1:21, nti "amaka gombi, ag'omu Ggulu ne ku nsi, gaatuumibwa Erinnya eryo." Eyo Katonda gy'Atuuza Erinnya Lye. Eryo ly'Erinnya ly'amaka mu Ggulu. Eryo ly'Erinnya ly'amaka Ge ku nsi.

Era tuli mu Yesu Kristo, olw'okubatizibwa kw'Omwoyo, si na mazzi; olw'Omwoyo, twabatizibwa okuyingira mu mubiri ogumu, nga Ye Kristo, ekifo eky'okusinza. Bwe tubeera omwo, tubeera ku ttaka lino, kye kyapa ekitalabika.

64 Ogamba, "Nnagula ettaka." Si liryo okutuusa ng'ofunye ekyapa. Naye bw'ofuna ekyapa, kiraga nti buli kintu ekyali kiwakanya ettaka eryo kiggiddwawo.

Era awo bw'obeera ofuuse Omukristaayo era n'okkiriza Kristo ng'Omulokozi wo, awo, Katonda bw'Asindika ekyapa, kiraga nti si nsonga kiki kitaawo kye yakola, maama wo kye yakola, kiki omuntu yenna omulala kye yakola; maama wo, kitaawo ayinza okubeera nga yali mutamiivu, malaaya, kyonna kye kyali, buli kibi kiggiddwawo! Olina ekyapa. Tewaaliwo kiyinza kukuggya ku kyo. Era, tunula, buli kimu ekiri ku ttaka eryo kibeera kikyo! Amiina. Era bw'obeera mu Kristo Yesu, olw'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, buli kirabo kya Katonda kibeera kya Kkanisa. Amiina. Kibeera kyapa. Gwe, kibeera kikyo, kibeera kikyo. Kizuukiza emibiri gyammwe egifa. Ha, owange, ssinga tukirowoozaako!

65 Leka tutunuulire abo abeesigwa ku Pentekoote. Bonna baali mu kisenge ekya waggulu eyo, era bonna baali batidde. Baalina, baalina e- ekyapa, kale, naye baali batidde." Era omulundi gumu ne wajja okuwuuma okuva mu Ggulu," ekyapa nga kibasindikiddwa, "ng'empewo ewuuma ey'amaanyi, n'ejjuza ennyumba yonna mwe baali batudde." Era ne baweebwa amaanyi agazuukiza olw'ekyo, okutuusa okutya kwabwe kwonna baali… Omu ku bo yali atidde, n'akyegaana nti teyali Mufalisaayo, oba teyali Mussaddukaayo. Naye Omwoyo Omutukuvu bwe yagwa n'amubatiza okuyingira mu Yesu Kristo, yafuuka nnyama ya nnyama Ye, ggumba lya ggumba Lye, Kigambo kya Kigambo Kye. Yali kitonde kiggya. Yali muntu mupya. Kyazuukiza omubiri gwe.

66 Tunula kiki kye kyakola, kiki kye kikukola bwe kijja munda. Tekikuleetera kugenda bweru n'ogamba, "Ndi mu Methodist. Ndi mu Baptist. Ha, Mmanyi Sirina kufuweeta sigala. Sirina kubeera na kino. Sirina kwambala kika kya ngoye zino. Sirina kukola kino. Sirina kukola ekyo." Kyakuzuukiza okutuusa ng'olina okukikola. Kizuukiza emibiri gyammwe egifa.

Tunula, Kyazuukiza emibiri gyabwe, okutuusa bwe baabuuka ennyo okusemberera e Ggulu okutuusa emibiri gyabwe bwe gyaweebwa obulamu okwogera mu lulimi lwe baali tebawulirangako. Kyazuukiza emibiri gyabwe, ne boogera mu lulimi olumpya olw'eggulu. Baazuukizibwa okuyingira mu kubeerawo kwa Katonda, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Amaanyi ga Katonda agazuukiza gaababatiza okuyingira mu ekyo. Olwo, baali mu kifo eky'okusinza. Baali awo we bayinza okusinziriza. Olukiiko lw'abakadde oba ekirala kyonna tekyayinza kubateganya, kubanga baali bazuukiziddwa. Baali bantu bapya. Oluvannyuma olw'okubatizibwa.

67 Tunuulira omuto Suteefano.Yajja mu kkubo lya Katonda eriteekeddwaawo, yaweebwa amaanyi agamuwa obulamu okuyita mu maanyi ga Katonda; n'ajja mu miryango, ekkubo lya Katonda eriteekeddwaawo. Era ne bwe baagenda okumutta, okumukuba amayinja okutuusa okufa, yagamba nti, "Ndaba e Ggulu nga libikkuse, Yesu ng'Ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda," Ago g'emaanyi agazuukiza. Yayimusibwa waggulu mu kifuba Kye.

Waaliwo Firipo, omulala eyali ajjudde amaanyi agazuukiza. Tumusanga eyo mu Samaria, ng'afunye okuzzibwa obuggya okw'amaanyi. Amaanyi gano amakulu agamuzuukiza, oluvannyuma ng'ali mu Kristo, n'ajja awo we yalina enkumi z'abantu nga bamuwuliriza. N'agamba nti, "Kati vva wano, Firipo, njagala ogende mu ddungu, Gaza, eyo. Nnina omusajja eyo, njagala omusisinkane." Era tewali kibuuzo, tewali kibuuzo n'akamu, yajjula amaamyi agazuukiza. Yali mu Kristo, yali mu kifo ekiteekeddwaawo eyo Katonda gye yayinza okwogerera naye. Katonda yayogera naye. Tewaaliwo kibuuzo.

68 Gamba nti, “Kale, Yayogedde nange n'Aŋŋamba nti nnabadde ŋŋenda kuwonyezebwa, naye, kale ssimanyi, mpulira bubi nnyo olwa leero.” Ha, abange! “Kale, Yaŋŋambye nti nnina Omwoyo Omutukuvu, era ebiseera ebimu nkibuusabuusiza ddala.”

Firipo yamanyira ddalaa eddoboozi lya Katonda, kubanga yali azze mu kkubo lya Katonda eriteekeddwaawo. Teyabuuza Katonda, nti “Kale, Katonda, Nnina bangi wano, Nnina okuyimirira. Nnina okulaba Omu Presbyter w'eggwanga nga ssinakikola. Nnina okugenda njogere n'omulabirizi,” Tekyali bwe kityo. Yafaayo eri Katonda, n'agenda butereevu mu ddungu!

Yasisinkana omusajja omu, omulaawe, Omuwesiyopya, omuddugavu nga akkirira, nga asoma ekyawandiikibwa mu Isaaya. Era n'agamba nti, “Otegeera by'osoma?” N'agamba nti, “Nnyinza ntya wabula nga waliwo anadagirira?”

Firipo ne yeegatta ku ggaali n'atandika okumubuulira ebikwata ku Mukama.

Yagamba nti, “Amazzi gaagano, kiki ekindobera okubatizibwa?”

N'agamba nti, “Oba ng'okkiriza n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna ne ndowooza yo, n'amaanyi go.” Ne bava ku ggaali n'amubatiza

Era Firipo yali ajjudde nnyo amaanyi ago agazuukiza, okutuusa, Bwe gamusitula okuva mu maaso ge. Lowooza! Mu mubiri guno ogufa, omubiri gwe gwatwalibwa, okuva mu maaso g'omulaawe. Nzikiriza ago okubeera Amazima. Katonda yali ayinza okumutwala awalala, eyo gye yali Amwetaaaga. Yatwalibwa.

69 Omanyi, okufa tekuyinza na kutwala kintu ekyo kukikuggyako, bw'obeera mu Kristo, mu kifo kya Katonda.

Tunula wano, Musa yakirina. Yali nnabbi oyo Ekigambo kya Katonda gwe kya jjira. Si bangi… bameka ba Koola abagolokose ne bagamba nti “Twetaaga ekibiina eky'amaanyi. Kaakati ogezaako okutwala ekifo ky'okubeera omusajja omutukuvu yekka.” Katonda yagamba nti “Weeyawule, Nja kumumira.” Ne ba Dasani, n'abalala, tebaamuteganya, yagenda mu maaso.

Era Musa bwe yafa n'aziikibwa bamalayika, amaanyi ago agazuukiza gaamusigalako. Okumala, emyaka lunaana oluvannyuma, wuuno wano mu nsi ensuubize, ng'ayogera eri Yesu. Amaanyi ago agazuukiza gaali gakyamuliko. Ekyo ky'ekifo kya Katonda eky'okusinzizamu.

“Ogamba ki? Wamanya otya?” Yali nnabbi. Ekigambo kyajja eri nnabbi. Era ye yali Ekigambo ekirabisiddwa ekya Katonda eky'omulembe gwe. Amiina.

70 Laba, Toyinza kufa, ng'owereeddwa amaanyi agazuukiza. Ha, Singa ekkanisa esobola okulaba ekyo, ekyo si ky'ogenda okubeera, wakibeera dda! Setaani agezaako okukubba okuva ku ekyo.

“Kale,” gamba nti “Kale, Nja kukugamba. Ndi wakino.” Sifaayo oli waaki.

Olina okuzaalibwa, ozzibwe buggya, obatizibwe n'Omwoyo Omutukuvu, okuyingira mu Kristo, oweebwe amaanyi ku buli Kigambo. Omwoyo, mu ggwe ajja kukubira “Amiina.” buli Kigambo kya Baibuli. Wabweru w'ekyo, bw'otakkiriziganya nakyo, nga weegobako Omwoyo oyo. Omwoyo wa Katonda tayinza kuwakanya Kigambo kya Katonda. Ajja kukuuma Ekigambo kya Katonda. Takikkiriza bukkiriza kyokka, naye Akifuula ekiramu. Alabisa Ekigambo kya Katonda. Yee, ssebo.

71 Weetegereze n'abatukuvu b'omu Ndagaano Enkadde. Ddala, wansi w'Endagaano Enkadde, baali balindirira eno Empya okujja, baalinanga endowooza ennungi eri Katonda. Mu Matayo 27, twagambibwa ekyo Yesu bwe yazuukira n'Afuluma entaana. Eyo, gye twakajaguzza wiiki entono eziyise, Amazuukira. Baibuli egamba nti, “Bangi ku batukuvu abaali beebase mu nfuufu y'ensi, baazuukira ku kuzuukira Kwe, ne bajja mu kibuga bangi ne babalaba.” Baali kiki? Baali kulabisibwa okw'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa. Ekifo kyokka Katonda w'Asisinkanira, wansi wa ssaddaaka.

Kaakati mu Abasessaloniika Ekisooka 4:16, Baibuli egamba, era, nti Abatukuvu b'Endagaano Empya bajja kuvaayo naye bw'Anajja nate, abo abazuukizibwa okuyingira mu Ye kati. Oyingira otya mu Ye? Mu kubatizibwa okw'Omwoyo, amaanyi ga Katonda, ekifo w'Asisinkanirwa, mu Yesu. Kaakati Yesu ly'Ekkubo lya Katonda eriteekeddwaawo.

72 Era weetegereze, Yesu yali mukakafu nnyo ku ekyo kye Yali! Yamanya Yali Mwana wa Katonda. Yamanya Yali nzaalwa ya mbeerera. Yamanya nti buli Kyawandiikibwa kyerabisiza ddala mu Ye. Yakimanya bulungi nnyo, okutuusa bwe yabagamba abo abazimbi, aba yeekaalu, olunaku olwo, Yagamba nti, “Mumenye yeekaalu eno, nange ndigizimbira ennaku ssatu.” Lwaki? Kyali Kigambo Kye ekiwandiikiddwa.

Daudi yagamba nti, “Ssiyinza kuleka Mutukuvu Wange mu ggeyeena, so ssirireka mmeeme Ye mu ggeyeena, oba okuleka Omutukuvu Wange okulaba okuvunda.

Kaakati, Yesu Yamanya nti Oyo yali Ye. Tewali kibuuzo mu ndowooza Ye. Era Yamanya nti, essaawa

nsavu mu bbiri, omubiri guvunda, ebiseera ebimu mu ssaawa ezo ensanvu mu ssatu Yali agenda kukomawo mu bulamu nate, n'olwekyo Yagamba nti, "Mumenye Yeekaalu eno, Nja kugizimbira ennaku ssatu." Lwaki? Ekigambo kya muwandiikibwako. Kya muwandiikwako, kubanga Ye Yali okulabisibwa kw'Ekigambo kya Katonda ekiwandiikiddwa eky'olunaku olwo.

73 Kale, walina okubeerawo, Aleeruuya, walina okubeerawo, ow'Oluganda, awantu awamu, Ekigambo kya Katonda ekirabisiddwa leero. Era ekyo ky'ekintu ky'ekimu, Yayogera ku nnaku zino ng'Alanga ebyali bigenda okubeerawo mu nnaku zino. Amaze okutugamba. Tumanyi kiki ekigenda okubeerawo. Era tukiraba nga kirabisiddwa mu gwe, olwo oli mu kkanisa ya Katonda. Wabweru w'ekyo, oyinza okweyita, "Omu Methodist, omu Baptist," oba ekintu ekirala, tekirikola. Waliwo ekifo kimu kyokka eky'ensisinkano, kiri mu Yesu Kristo. Oo, leero, oo, singa leero buli muntu ayinza okukiraba ekyo, okulaba engeri y'okuyingiramu, abatizibwe. Omugole ali kitundu kya Bba we. Ekkanisa kitundu kya Kigambo, okulabisibwa.

74 Olwo kati oli mu kkanisa ki? Oli mu kibiina kya ddiini? Bw'oba, Nja kkukuutira kati, oli mu Lawodikiya. Naye bw'obeera mu Kristo, oli kitonde kiggya, era oli mu kkanisa ya Katonda Omulamu, n'okulabisibwa okw'ebintu by'ebimu byennyini ebyo Bye Yakola mu lunaku Lwe bijja kubeera nga bikomawo wano mu lunaku luno, nga bikola ekintu ky'ekimu kye Yagamba nti kye byandikoze. Olwo, eyo y'ekkanisa eyannammaddala. Ogiyingiramu okuyita mu kubatizibwa okw'Omwoyo, si na kwegatta, si na birala, naye okuyita mu kubatizibwa okw'Omwoyo Omutukuvu okuyingira mu mubiri ogumu. Kale, lye Kkubo lyokka erya Kayonda ly'Atulekeddewo ffe okukola, kwe kubatizibwa mu mubiri gwe, n'Omwoyo We.

75 Yesu yagamba, mu mutukuvu Yokaana 14:12, "Oyo Akkiriza, ng'ali mu Nze!" Tekyewuunyisa abantu bagamba nti ennaku z'ebyamagero zaayita, tekyewuunyisa boogera ebintu bino. "Oyo anzikiriza, si akkiriza ku Nze, naye akkiriza mu Nze, emirimu gye nkola naye aligikola." Lwaki? Bulamu Bwe. Maanyi Ge mu Kigambo Kye, ebiri mu ggwe, ebikikoleeza, ne bikireetera okugenda okukola emirimu gye kyasuubiza okukola. Oba, obulamu bwange mu Ye, bumpadde obulamu okuyita mu Mwoyo We, okukola Ekigambo Kye, nga kye Kigambo Kye, okukola n'Amaanyi Ge. Abaebulaniya 13:8, "Yesu Kristo Y'omu Jjo, leero, n'emirembe gyonna."

76 Ne mu Makko essuula ya 17, olunyiriri 30, olw'Omutukuvu Makko. Wuliriza nga tumaliriza. Yesu Yasuubiza ebintu bino mu nnaku ez'oluvannyuma, nti "Y'omu Jjo, n'emirembe gyonna." Yasuubiza, mu Malaki 4, nti Ajja "kukyusa emitima gy'abantu mu nnaku ez'oluvannyuma, okuddayo eri okukkiriza okwa bakitaabwe." Yasuubiza ekyo. Yasuubiza, mu bifo bingi mu Baibuli, ebintu bye Yali ow'okukola. "Esigadde ekiseera kitono, ensi obutandaba nate; naye mmwe mundaba; Nja kubeera na mmwe, mu mmwe bulijjo, okutuusiza ddala ku nkomerero y'ensi." Era weetegereze mu Mutukuvu Lukka nate, 17:30, "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma!"

Omanyi kiki ekyaliwo mu Sodoma? Tunuulira California; si California yokka, United States; si mu United States yokka, naye ensi yonna.

77 Tunuulira emyaka gino egy'abatiini abalalu! Lwaki, twalina e… Nnabagamba luli, baali bakola okunoonyereza eyo mu masomero mu Arizona eyo gye mbeera, nga kinaana ku buli kikumi eky'abaana mu masomero balina okuddirira mu kutegeera. Abaana baabwe banaabeera ki ki? Tetuyinza kubeera na mulembe mulala. Tuli ku nkomerero. Yesu yagamba nti ebintu bino birijja.

Tunula ku Ttivi zonna n'ebintu bino nga bategeka ebintu bino ebitaliiyo. Kijja kutuuka ekiseera, Nteebereza, nti abantu bajja kugwira ddala eddalu, ensi ejja kubeera. Baibuli eyogera ku bintu ebyo ebirabibwa nga byabugwenyufu ebibaddenga mu kyama nga kati babiraga mu butambi bwa ffirimu leero obw'omulembe gw'ebitonde ebyaliiwo okumala enkumi n'obukadde obw'emyaka, ne byeyalula ne bivaayo eri abamu… Ekyo kintu kitono, kw'ekyo ekigenda okubeerawo. Nga ggeyeena egguliddwaawo Setaani n'avaayo n'ebintu bye byonna eby'ekyama, eby'abakazi… oba enzige ezirina enviiri nga ez'abakazi, n'amannyo nga ag'empologoma. Lwaki, ensi ejja kubeerera ddala, ndalu. Tennaba naye ebuzaayo kaseera katono okuva kati.

78 Ha, olw'ekitiibwa kya Katonda, olw'okujja kwa Mukama Yesu, olw'Omwoyo Omutukuvu, olwa nkimanyi bwenti, olw'okubeerawo kwa Katonda okulamu!

Yesu yagamba, mu mutukuvu Makko eyo, Yagamba nti, "Mu lunaku olwo Omwana w'omuntu Alibikkulibwa." Kaakati, jjukira, si Mwana wa Katonda. Yajja mu mannya g'omwana ga mirundi esatu: Omwana w'omuntu, Omwana wa Katonda, Omwana wa Daudi. Bwe Yali ku nsi, Yajja nga Omwana w'omuntu, Yali nnabbi. Omwana w'omuntu ye nnabbi. Yakuwa yennyini yayita bannabbi, Yeremiya n'abalala, "Omwana w'omuntu, kiki ky'olaba?" Yesu yajja, kubanga Yalina okujja okusinziira ku Byawandiikibwa, ng'Omwana w'omuntu. Musa yagamba, "Mukama Katonda wammwe Ajja kuyimusa nnabbi, ali nga nze." Era Yalina kubeera nnabbi, omwana w'omuntu.

Naye oluvannyuma lw'okufa Kwe, okuziika, n'okuzuukira, kati Abadde Mwana wa Katonda, eky'obwa Katonda, Omwoyo Omutukuvu.

79 Naye Yasuubiza, ng'ebiseera eby'oluvannyuma tebinnajja, ensi ejja kubeera nga bwe kyali e Sodoma, omuntu bwe yajja mu ngeri y'obuntu; basatu ku bo, bamalayika babiri ne Katonda mwennyini. Oyo yali Katonda. Baibuli egamba bwe kyali. Kaakati Yakka wansi ne Yeerabisiza eyo, okuyita mu kukuba omugongo gwe e-ensiisira eyo Salaayi gye yali, n'Agamba Ibulayimu kiki Salaayi kye yali alowooza eyo mu nsiisira. Bwe kiri? [Ekibiina kigamba, “Amiina.” -omuk.] Kaakati, Yesu mwennyini yagamba, “Ku lunaku Omwana w'omuntu kw'Abikkulibwa,” ekitegeeza nti “Omwana w'omuntu, buweereza bwa Yesu Kristo Mwennyini.”

Ekkanisa ejja kuyita mu kuggibwako omusango, okuyita mu Luther; okutukuzibwa, okuyita mu Wesley; okubatizibwa n'Owoyo Omutukuvu, oba Aba Pentekoote; n'egendera ddala okutuuka mu kutuukirira kw'Omwana w'omuntu, nti omukyala n'omwami bajja kubeera omuntu omu. Katonda Ajja kulabisibwa nnyo mu Mugole we, Ekkanisa Ye, okutuusa bonna bwe banaabeera ky'ekimu. Bali kimu. Olwo nno, laba wetuli.

80 Tewekwata ku bulombolombo na biyiiye. Byali birungi mu nnaku zaabyo, naye kati ekimuli kyanyizza eri okumulisa. Kiseera kya nsigo. Kituufu.

Yesu Yasuubiza ebintu bino. Kaakati bwe tulaba Katonda ng'Afuula bisuubizo Bye ebiramu gye tuli, ne tulaba nti kiri mu ffe, n'Omwoyo We ng'Abeera mu ffe; eyo y'engeri yokka oyokusinza, ekifo kyokka eky'okusinza, engeri yokka ey'amazima gy'oyinza okusinzaamu, “Kale kaakano tebaliiko musango abo abali mu Kristo Yesu.” Katonda yakola ekisuubizo, Yesu yagamba nti, “Ebintu byenkola, nammwe mujja kubikola,” na kiki Ky'Ayinza okukola mu nnaku ez'oluvannyuma. Engeri gye kijjamu mu mulembe guno, oba kitangaala oba lunaku, kiyinza okubeera ng'ekiseera eky'ekizikiza, naye yagamba nti, “Akawuungeezi, walibeera omusana.”

81 Enjuba eva e Buvanjuba n'egwa e Bugwanjuba. Ejuba y'emu eva e Buvanjuba n'egwa e Bugwanjuba, obugunjufu butambudde nayo. Etambudde okuyita mu bifo by'amazzi bisatu, engeri ssatu ez'okubatizibwa. Oo, yee, okuva mu Asiya, okutuuka eyo mu Bulaaya; okuva e Bulaaya, okutuuka mu Bungereza; okuva mu Bungereza, okutuuka mu mawanga amagatte aga America.

Era kati tukomyewo butereevu nate, era tuutuno tutudde ettuuntu lya leero, ku mbalama ez'Ebugwanjuba, eyo ebiziyiza by'ekibi eby'amaanyi gonna ag'ekizikiza bikuŋŋaanira eyo. Obutambi bwa ffirimu buno n'endaga za Ttivi, n'omusajja anywegera omukazi eyo, n'okuwa obutwa endowooza z'abawala abato.

82 Obadde okimanyi nti omusajja yenna anywegera omukazi abeera ateekeddwa okumuwasa? Kyenkanankana ekikolwa eky'okwegatta. Ddala, bwe kiri. Yee, ssebo. Kye ki? Bubeera ombusimu bw'okwegatta bubeera mu mimwa gy'omusajja n'obwomukzi mu mimwa gy'omukazi. Obusimu bw'omusajja n'obwomukazi bwe byegatta awamu, kubeera kwegatta.

Tunuulira ku Hollywood, tunuulira omuwala omuto ng'agalamidde wano munda mu zi Ppaaka n'abalenzi nga beetoloolera awali abawala bano, n'ebintu bwe bityo, n'okuyimba mu zi kkwaya. Ne bano ba Elvis Presley, n'abalala, be tulina leero, kya mukisa mubi eri erinnya lya America, eri ekyo ba kitaffe abaatusooka kye baalwanirira ne bayiwa n'omusaayi ne bafiirira.

83 Naye essaawa etuuse nti buli bwakabaka bulina okuwa ekkubo, kubanga waliwo Obwakabaka bwa Katonda obuzimbiddwa mu mutima gw'omuntu, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'okubeerawo kwa Yesu Kristo. Era Kristo Ajja kujja eri Omugole We era Ajja kussaawo Obwakabaka wano ku nsi, Obutaliggwaawo. Oyingira otya mu bwakabaka buno? Obuzaalibwamu. Obumanya otya? Okuuma bukuumi… Oyinza otya okubeera mu bwakabaka ate n'otakkaanya na Kabaka? Laba, oyinza okubeera… Era ne Kabaka ky'Ekigambo. “Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'ayambala omubiri n'abeerako gye tuli. Oyo Y'omu, Jjo, ne leero, n'emirembe gyonna.”

Baamanya batya nti yali Mwana wa muntu? Yayinzanga okutunuulira ekibiina n'amanya kiki kye baali balowooza. Tumanyi ekyo kituufu. Y'omu leero. Okkiriza ekyo? [Ekibiina kigamba nti, “Amiina.” -Omuk.]

84 Billy yagabye kaadi yonna ey'okusabirwa? Nnatambudde butambuzi Nnerabidde okumubuuza. Yagabye kaadi z'okusabirwa? [Ekibiina kiddamu, “Ye.” -Omuk.] Yagabye kaadi z'okusabirwa? Kale.

Ka mbabuulire. Bw'obeera olina okukkiriza okumala, Nnina okukkiririza ddala nti Katonda, Oyo eyasuubiza, Asobola okwekakasa okubeera Katonda wano wennyini, awatali muntu yenna kujja wano waggulu ku kituuti. Mpulira ng'okukulemberamu ku lw'ekisuubizo ky'Ekigambo kya Katonda omulamu. Tunula wano, ka mbeeko kye mabalaga. Amaanyi agazuukiza, tugenda kugateeka mu nkola. Ka nkulage. Bameka abakikkiriza nti mwafuna amaanyi ago nga gazuukiza obulamu? [Ekibiina kigamba nti, “Amiina.” -Omuk.] Kale, emikono gyo ku balwadde gibadde ki?

85 Abo abayigirizwa bwe baafuna amaanyi ago agazuukiza mu bo, ku lunkau lwa Pentekoote, ki ki kye baakola? Baagenda ne bateeka emikono ku balwadde, ne bawona. Yesu yagamba, mu Makko16 nti “Kijja

kweyongera ku nkomerero y'ensi." Okutuusa ddi, ku mulembe gw'abatume? "Mugende mu nsi zonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna. Obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza; bwe banaateeka emikono ku balwadde, banaawonanga." Ago g'emaanyi agazuukiza nga bwe gaali ku magumba ga Eriya, Erisa. Era amaanyi geegamu agazuukiza gaali ku batukuvu agabazuukiza. Amaanyi ago agazuukiza geegamu bwe gabeera mu ffe, teeka emikono gyo ku balwadde, bajja kuwona.

86 Nneetegerezza wano, Kyenkana nvudde ku by'okwawula emyoyo, n'akamu, nteeka buteesi mikono ku balwadde, Mbadde nnetegereza ddi, ebintu byange, si… Situukanga ku kimu kya kusatu eky'abantu, oba. Wano, ntuuka ku bangi okusinga be nnali ntuuseeko. Era Nnazudde ebivaamu ebisinga, nga Nneteeka bweteesi mu mikono gya Katonda, era ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, wakisuubiza. Kisuubizo kyo; si kyange, kikyo, era Wasuubiza nti olikikola. Era Nze nkulabye ng'okikola era ŋŋenda ku kkiriza nti ogenda ku kikola, kubanga mbatiziddwa mu mubiri gwo, n'Omwoyo gwo wano oluvannyuma lw'okuzuula nti ago ge Mazima." Amiina. Ekyo ky'ekifo eky'okusinza. Olwo n'oyingira mu kifo, "ebintu byonna biyinzika." Olwo n'otuuka mu kifo w'ebigendererwa byo n'ebiruubirirwa, ebituukiddwako, nga byonna ddala biri mu kwagala kwa Katonda.Era bw'oteeka emikono gyo eyo n'okikkiriza, kigenda kubeerawo. Okkiriza ekyo? [Ekibiina kigamba, "Amiina." -Omuk.]

87 Nzikiriza, nga tewannayitibwa kaadi emu ey'okusabirwa, oba ekintu ekirala, nti Katonda Ow'amaanyi asobola okumbuulira kiki kye mulina wabweru eyo, era kiki kye muteekeddwa okukola, era kiki kye muteekeddwa okubeera nakyo nga kikoledddwa. Okwo kukulemberamu, kale, mmanyi ekyo kituufu, naye ky'ekyo ddala Katonda kye yandyagadde tukole. Okkiriza ekyo? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Bameka abayinza okukikkiriza singa Katonda akikola? ["Amiina!"]

Tewaliiwo muntu atudde mu maaso gange gwe mmanyi, gwe nnyinza okulowoozaako, oba okulaba omuntu oyo ddala gwe mmanyi. Bameka abamanyi, wano, ffenna tuli bagwira, wanika emikono gyo. Wonna eyo mu kibiina, mukimanyi sirina kye mbamanyiiko. Nteebereza kiri buli wamu, naddala wano waggulu wano. Kaakati oba oli awo abantu abalala ba… Sibamanyi. Tebaawanise mikono gyabwe, naye Nze-Nze-Nze sibamanyi, mu ngeri yonna. Nzikiriza ndaba Richard Blair ng'atuulidde ddala wano. Nzikiriza ekyo kirungi. Kisobola… Kizikiza eyo. Waliwo ebitangaala eno. Ssiraba.

88 Naye tunula wano, ngezaako okukugamba, nti, amaanyi ago agazuukiza bwe gajja mu ggwe, ye Yesu Kristo. Yesu bwe yateeka emikono gye ku balwadde, baawona.

Yesu bwe yalina amaanyi agawa obulamu okumuzuukiza, ng'omuntu, Yayinzanga okutunula n'Ayogera ebirowoozo ebyali ku bantu, n'Ababuulira ekyo kye baali balowoozaako, kiki kye baakoze. N'Abakuba omugongo, era n'Abagamba ekintu ky'ekimu, "Lwaki mukubaganya ebirowoozo mu mitima gyammwe?" Omukazi yakwata ku munagiro Gwe, N'Agamba nti, "Ani ankutteko?" Yatunula okwetolooza amaaso n'amuzuula., n'Agamba nti, "Nzikiriza nti amaanyi ganvuddemu. Okukkiriza kwo kukuwonyezza." Oyo ye Yesu Kristo. Oyo Akakasa nti ekkanisa w'eri, era na kiki amaanyi ga Katonda gennyini agazuukiza kye gaakola eri omuntu. Okkiriza ekyo? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Leka tukoteke emitwe gyaffe mu kaseera katono.

89 Mukama Omwagalwa, tubadde n'olutalo ne Setaani ettuuntu lya leero, ku mizindaalo gino, nga tumanyi ng'abantu abo oba oli awo tebafunye yadde ekitundu ky'akyo, okusibibwa okwetoloola ekizimbe bwe kityo. Naye Nsaba, Katonda wange, nti Omwoyo Omutukuvu Ajja kutwala ekyo ekyalina okubeera, Mukama, okuleetera abantu okumanya nti tetuli kinywa ky'abalinga abalina esuubi wabula nga bafu. Katonda, tuli balamu kati, nga tuweebwa obulamu n'amaanyi ag'okuzuukira kwa Kristo. Yesu Kristo abeera mu ffe. Tukkiriza ekyo, Mukama.

Tetunoonya kitiibwa kyaffe ku lwaffe. Nga ku lusozi olw'okufuusibwa, eyo buli omu ku ffe gy'akiikirirwa eyo; waliiyo Musa, oyo eyafa n'azuukira nate; waliiyo Eriya, abatukuvu abalina obulamu abalikwatibwa ku lunaku olw'oluvannyuma. Oo, baalaba olwo, bwe baatunula emabega, baalaba Yesu yekka. Tumanyi, Mukama, tetwagala bantu batulabe. Tetuli wano lwa kigendererwa ekyo. Kibeere wala!

Naye, Mukama, kisanyusa emitima gyaffe bwe tulaba Yesu ng'agulumizibwa mu ffe; bwe tumulaba ng'agulumizibwa, bwe tulaba Ekigambo Kye, ekyo nga Ye Kigambo; bwe tukiraba tusobola okusoma wano mu Baibuli, we Yasuubiza nti Ajja kukikola, olwo tumulabe ng'akikolera ddala mu ffe, Ayi Katonda, nga kituleetera okwewombeeka, nga tumanyi nti okwo okubeerawo Kwe kulamu…

90 Tetulina kye twegasseeko oba kye tusabye. Tukkiriza bukkiriza, Mukama, eri Obulamu Obutaggwaawo. Era watuteekako envumbo n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, era n'ozuukiza emibiri gyaffe, n'ozuukiza emyoyo gyaffe, n'otuzuukiza olw'okulaba okwolesebwa, n'obunnabbi, n'okwogera mu nnimi, laba obubonero obw'amaanyi n'ebyamagero bigenda mu maaso. Lwaki, Ye Katonda Omulamu. Tuli mu mubiri ogwo. Nga, eri ensi, busirusiru eri abo ababula; naye eri ffe abakkiriza, ge maanyi ga Katonda, eri Obulamu Obutaggwaawo. Kitaffe,tukwebaza olw'ekyo.

Kaakati leka kimanyibwe olunaku luno, Mukama, nti Oli Katonda, nti Tokyusanga ndowooza Yo ku Kigambo kyonna kye wali Oyogedde. Era ye Ggwe omu, Jjo, leero, n'emirembe gyonna, era ekkubo erimu-

erimu lyokka Katonda ly'Ataddewo. Omuntu yekka Katonda mwe yali Atadde Erinnya Lye, yali Mwana We Ye Oyo eyatwala Erinnya Lye, Yesu; Katonda, Yakuwa, Omulokozi, Emanweri, omulyango eri ekisibo; Oyo Eyali, Aliba, era Agenda okuba; Emmunyeenye Eyenkya, Eddanga ly'Omukiwonvu. Ayi Katonda, nga kya kitalo! Tekyewuunyisa Isaaya yagamba nti, "Ateesa ebigambo, Omulangira ow'emirembe, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo." Oo, Kitaffe, tetulina mulala wabula Ggwe, Mukama. Oli Kitaffe. Oli Nnyaffe. Oli kyonna kyetuli, kyonna kye twali tubadde. Tetujja kulaba kintu kirala wabula Yesu ng'Agulumizibwa!

Taata, nnyinza okubeera nga nkoze ekikyamu mu kino, ettuuntu lino, naye twala enfaanana ey'omutima gwange, ompulire, Katonda omwagalwa. Era leka kyogerwe, olunaku luno, nti Yesu Kristo Yagulumizibwa ddala wano mu Yeekaalu eno. Kitaffe, Kikkirize, tukisabye mu Linnya Lye, era nga bwe nninda n'obuwombeefu wamu n'ekibiina kino, okulaba ng'Otambula n'Omwoyo Wo. Amiina.

91 Kaakano njagala munkolereyo ekintu kimu wano. Njagala okubabuuzaayo ekibuuzo ekikulu kimu. Njagala mu nnyanukule nga kiringa ky'ekiseera kyammwe ekisembayo okwanukula omuntu yenna mu bulamu bwammwe. Mukkiriza nti ge Mazima? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina."] Mukkiriza nga tewaliwo kkanisa wadde ekibiina ekigunje, ekigenda okumanyibwa mu kubeerawo kwa Katonda? Mukikkiriza ekyo? ["Amiina."] Tewali wadde ekimu. Abo bokka abazaalibwa mu Yesu Kristo, ne batwala Erinnya Lye! Ekyo kituufu.

Otwala Erinnya lya Yesu bw'ozaalibwa omwo, si kuyita mu kubatizibwa n'amazzi. Wadde ng'osobola okubatizibwa mu Linnya Lye, naye ekyo tekitwala Linnya Lye. Erinnya Lye olitwala na kuzaalibwa, si na mazzi. Olaba, obatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, yee, ssebo, okuyingira mu kussa ekimu; naye obatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, okuyingira mu Yesu Kristo. Bwe kityo osobola okubatizibwa emirundi kikumi, mu ngeri gy'oyagalamu, engeri endala, tekiyinza kukola njawulo. Naye kasita obatizibwa Omwoyo Omutukuvu, okuyingira mu mubiri gwa Kristo, ofuuka mutabani oba muwala wa Katonda, era, na "Buli Kigambo kiba kituufu!" Olwo, ekyo Yakikola lwa kigendererwa ekyo.

92 Nga bwe nnagamba olunaku luli nti Katonda bwe yatambula n'Akuba enjuba ku nsi, Yamanya emiti egyo egy'ensansa na buli kimu byali biri wansi kunsi. Ye… Baali kitundu ku nsi mu kiseera ekyo, naawe bwe wali.

Era bwe yazuukiza Omwana wa Katonda, ku makya g'Amazuukira, n'Asindika Omwoyo, yali waakuwa bulamu, ensigo eyo ey'Obulamu Obutaggwaawo, gye Yamanya ng'emisingi gy'ensi teginnabaawo, nga yalina okubeera wano. Yamanya ng'omuzindaalo guno gujja kweyisa bwe guti akawungeezi kano. Yamanyi nti ojja kubeera n'endowooza gy'olina. Taliiko kkomo. Toyinza kukifumiitiriza na ndowooza yo, olina kukikkiriza bukkiriza. Naye, ka njogere ekintu kino kimu, Katonda oyo Y'omu ayimiridde wano, ettuuntu lino, mu bulungi Bwe.

93 Oba oli Mu Methodist, Baptist, mu Pentekoote, kyonna ky'oyinza okuba, teweesiganga kibiina kyonna. Kubanga, tebisobola kubeera bibiina… Kikoleddwa n'enjigiriza nnyingi ez'enjawulo. Kikoleddwa na… Olina okubeera ssekinnoomu, eri Katonda. Olina okubeera ssekinnoomu. Katonda akolagana naawe, si mu kkanisa yo. Olina kubeera bulamu obuyonjo mu kkanisa yo oba mu kibiina eyo gy'osinziza, olina okubeera bulamu obwo bw'oteekeddwa okuba. Naye olaba, baleeta ebiyiiye, n'ebirala, nga tosobola na kuyingira nzigi zaabwe bw'obeera tokkiriza ekyo. Kati Katonda ayinza atya okujja munda eyo, ng'Ekigambo Kye bulijjo kirabisibwa?

94 Luther yamanya atya ku kubatizibwa kuno n'okuddizibwa kw'Omwoyo, bwe yali mu ekyo emabega? Ekimera kyali tekinnakula kutuuka ku etyo. K'abe Wesley teyakimanya. N'Abapentekoote tebamanyi kigenda mu maaso leero. Ekintu ky'ekimu, nga kikuliko. Ekyo kituufu. Kibaddenga mu buli mulembe, era bulijjo kijja kubeera.

Era nsobola okukakasa, okuyita mu Baibuli, guno mulembe gwa ŋŋano. Jjukira, oluvannyuma lw'okuzzibwa obuggya kuno okw'amaanyi… Tewabangawo kibiina kirala kigolokoka okuva ku Pentekoote. Tewasobola kubeera. Kiviira ddala ku kisusunku okutuuka ku ŋŋano, era tewali wabula empeke. Eyo y'ensonga. Emyaka kkumi n'etaano… Bulijjo, mu myaka esatu, bafuna ekibiina buli lwewabaddengawo okudda obuggya kwonna. Buuza munnabyafaayo yenna. Naye tewali kibiina kirala oluvannyuma lwa kino. Baagezaangako okugolokosa Enkuba ey'Oluvannyuma, naye laba ekyakituukangako. Tekisobola. Kaakati ŋŋano. Yee, ssebo. Tewaliiwo nate kikyetikka. Y'empeke eyannammaddala. Kristo ali mu bantu Be. Okikkiriza? [Ekibiina kigamba, "Amiina." -Omuk.]

95 Leka tutandikire wano, ku ntobo. Siyinza kulondayo eyo, olaba muli bangi. Bameka abanzikiriza okubeera omuweereza wa Mukama? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Beera n'okukkiriza mu Katonda! Bameka wano abakkiriza ekyo mu ngeri y'emu, abagamba nti, "Nkikkiriza n'omutima gwange gwonna?" ["Amiina."] Ka Mukama Katonda akkirize kino gye tuli kaakano, musobole okulaba amaanyi agazuukiza. Kintu kimu, eky'obukakafu obulabibwako, obwo bukikakasa.

Ye, omuntu asobola okugamba nti, "Ha, kino ky'ekyo, kino kye kiri," Naye leka kikole.

Tekisobokerako ddala nze okumanya ekibakwatako. Ekyo mukimanyi. Simanyi naye omuntu omu, gwe nnyinza okutunuulira, era oyo ye Levirandi Blair atudde wabweru eyo, okuviira ddala ebuvanjuba, Nzikiriza mu Arkansas oba awantu awalala emabega eyo. Oyo ye yekka mu kibiina, gwe ndaba nga mumanyi. Era Katonda amanyi ekyo kituufu. Bwe kityo kirinna okubeera ekintu eki…

96 Ndabidde awo wano, akakyala kano nga katudde ku nkomerero eyo, ng'olina ekizibu ky'Omwoyo ky'osabira. Okkiriza nti Katonda Ajja ku kuteerereza ekizibu ekyo ky'Omwoyo, era Akirongoose? Kale, kifune.

Teeka omukono gwo ku mukyala omulala akuriraanye, kubanga alina ekizibu ky'olubuto naye ky'akusabira. Weewaawo. Bwe kiri, mwannyinaze? Wanika emikono gyo waggulu ekyo bwe kiba nga kituufu. Sikumanyi, si kulabangako mu bulamu bwange. Abawala babiri abaddugavu.

Kale, ekyo kiki? Ekyo tekiri ddala nga bwe Yagamba nti ky'Alikola? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina," -Omuk.] Ddala bwe kiri.

Omukyala wuuno atudde, ng'atunudde wano; ng'atunuulidde. Alina ekizibu ky'omutima. Okkiriza nga Katonda Ajja kukuwonya ekizibu ky'omutima? Obwedda otudde awo ng'osaba, "Kale singa mbadde nsobola okutuukawo." Ekyo bwe kiri? Wuuba ku mukono gwo bwe kiba nga bwe kiri. Nnategedde ntya ky'obadde ogamba mu ssaala yo? Labayo, kkiriza bukkiriza. Ekyo ky'olina okukola, kwe kukkiriza.

97 Wano waliwo omukyala atudde wennyini wano agenda okufiirawo singa tawonyezebwa. Alina Kookolo. Okkiriza nti Katonda Ajja kukuwonya Kookolo oyo? Yee. Okikkiriza? Ggwe okulwawo okuwanika omukono, Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ky'oli? Mukyala Gunn. Kaakati, ekyo bwe kiba nga kituufu, wuuba omukono gwo bw'oti, laba. Kale. Genda eka, Yesu Kristo Ajja kukuwonya. "Singa okkiriza, ebintu byonna bisoboka,"

Ekyo ky'akuba omukyala ono, atudde awo n'enkofiira enzirugavu ku mutwe, ng'antunuulidde. Naye alina Kookolo. Okkiriza nti Katonda ajja kukuwonya? Okikkiriza n'omutima gwo gwonna? Njogera eri muky. Miller. Okkiriza ekyo? Omukazi simumanyi, simulabangako mu bulamu bwange, ne Katonda mu Ggulu Amanyi ng'kyo kituufu. Amiina. "Singa osobola okkiriza!"

Wuuno wano omukazi omuddugavu atudde wano ku nkomerero, abadde akotese omutwe. Yabadde, alowooza, alowooza ku mwagalwa, omuntu gw'asabira. Ajja, ddala, okusaba…okusabirwa. Nedda tali wano, ye mwami we. Bwe kiri. A…Tali wano. Ali waka. Yalongoseddwa, teyalongooseddwa? Kituufu. Yateganyiziddwa n'ekizibu ky'ekiwanga n'ebirala. Ekyo kituufu si bwe kiri? Agenda kubeera bulungi. Okukkiriza kwo kwabadde kunywevu olw'ekyo. Okikkiriza ekyo okubeera ekituufu? Amiina.

98 Tosobola kulaba nti Yesu Kristo Y'omu Jjo, leero, ne'mirembe gyonna? Buuza abantu abo. Kigenze mu bantu. Mukkiriza nti Yesu Ali wano? Muwulira amaanyi ago agazuukiza mu mmwe? Kale, Oyo ye Katonda abakola obulungi, mikwano. Mukikkiriza? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina" -Omuk.]

Kaakati munankolerayo ekintu kimu? Kale bameka abali wano nga balwadde, ka tubalabe nga muwanika emikono gyammwe. Kaakati zigenda kuwera ssaawa ttaano. Teeka emikono gyo ku mulala, era ka… Kati, toyogera kigambo, teeka buteesi mikono gyo ku mulala. Njagala mubeeko kye mukola.

99 Ka mbagambe nti, omusajja atuulidde ddala wano emabega, alina ekizimba ku mugongo gwe. Okkiriza nti Katonda Ajja kutwala ekizimba ekyo okuva ku mugongo gwo, ssebo? Okkiriza nti Katonda Ajja kukuwonya? Munnange ggwe muvubuka, antunuulidde, alowooza nti agenda kuyitibwako. Wanika omukono gwo, ssebo. Kirungi. Kkiriza n'omutima gwo gwonna, nga Katonda Agenda kukikuggyako.

Aleeruuya! Nsomooza ekibiina kino kyonna, mu Linnya lya Yesu Kristo! Singa oyinza…Enneewulira yo, togiganya kwokebwa na butakkiriza, togiganya kunyigirizibwa. Tosobola kulaba Mwana wa muntu, Omwana w'omuntu mu ngeri ey'obubaka bw'obunnabbi, ng'Akomawo eri ekkanisa Ye, mu bunnabbi, ng'abikkula Yesu Kristo okuba omu Jjo, leero, n'emirembe gyonna? Tekikolebwangako mu mirembe gyonna, okutuusa ekiseera kino. Mulaba? Buubwo obukakafu bwakyo.

100 Ekkanisa kye ki? Ogiyingiramu otya? Bw'obeera omwo, ekintu kyonna Yesu Kristo kye Yali, ky'oli, n'okubeera mutabani muwala wa Katonda. Yafuuka ggwe osobole okufuuka Ye.

Ekikiriko kiri nti, otya okukikozesa, oba tokwatagana na Kigambo Kye. Kaakati, ekyo tekijja kukola kalungi konna, era si-sifaayo kiki ky'okola. Bw'otajja mu bujjuvu eri Ekigambo, tekirikola. Ani ayinza okunnumiriza olw'ekintu kyonna kye Yagamba era n'Akisuubiza mu lunaku luno, ne kitabaawo? N'olwekyo temuntirako na bibiina bya madiini byammwe, kubanga tebijja kukola.

Aleeruuya! Mpulira, era mmanyi nti Ali wano. Sibuusabuusa Ali wano. Mmanyi nti kati waliwo amaanyi agamala agazuukiza mu Kkanisa okuwonya buli muntu atudde wano. Okkiriza? Kale, Olwo, onookikola?

Okkiririza mu kusabira abalwadde? Okkiriza Yesu Kristo yagamba nti, "Banaateekanga emikono ku balwadde, nabo banaawonanga?" Kale, teeka omikono gyo ku mulala kati. Teweesabira. Sabira omuntu

akuli okumpi. Nabo bakusabira. Kati mu kasirise era mu kutya.

101 Mukama, nga nkwebaza Gwe, nsobola okuyimirira waggulu ku kituuti wano ne-ne mbuulira Ekigambo ekyo ekikontana n'endowooza y'abantu leero, okutuusa nga bagiyise “enjigiriza ekyamya” bayinza okukiyita “eky'okwogerezeganya n'emyoyo gy'abafu,” bayinza okukiyita “Emyoyo emibi,” nga bwe baakola, luli, “Beeruzebuli.” Naye okukulaba obutereevu mu masekkati g'ekibiina kino ekinene, ettuntu lino, weetooloole wano okakasize ddala ekibuuliddwa, nti ge Mazima.

Katonda wange, bano bantu bo. Setaani agezezzaako okukyankalanya emizindaalo, agezezzaako okukyankalanya endowooza z'abantu, agezezzaako okubalemesa okufuna kino. Naye Nzikiriza bajja kukifuna, mu geri yonna, Mukama. Mbasabira bakifune. Mbasabira bakiweebwe. Mukama, abakkiriza bano bawe amaanyi agazuukiza, olwo bwe… bwe bataabeerewo kulaba kudda Kwo, amaanyi ago agawa obulamu gabazuukize mu nnaku ez'oluvannyuma.

Kikkirize kaakano amaanyi ago agazuukiza, gayimusa okukkiriza kwabwe, Mukama, ku ekyo kye bakola. Waliwo omukkiriza atadde emikono ku mukkiriza, omubiri ku mubiri, n'amaanyi ku maanyi. Era g'emaanyi ga Katonda, okuyita mu mutabani oba muwala wa Katonda, okuyita mu Mwana wa Katonda. Ayi Katonda, Setaani k'asumulule abantu bano! Leka bawonyezebwe ettuuntu lya leero, n'amaanyi agzuukiza, era agawa obulamu olw'Okubeerawo okuzuuliddwa, Yesu Kristo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, kibeere bwe kityo!

102 Emikono gyammwe ku bantu girina amaanyi agazuukiza mu gyo, bw'oba nga wazuukizibwa. Wajja eri obulamu? Kristo Afuuse owa nnamaddala gy'oli? Amaanyi ga Katonda galabisiddwa? Oli mu kkanisa eyo, ekkanisa ya Katonda gy'Ataddewo? Ogirimu otya, omanyi otya nti waweebwa amaanyi mu Yo? Kat, ebirowoozo byo byonna, ggwe wenna, oli mu Kristo. Era Kristo ali mu wakati w'abantu, nga Yeekakasa okubeera Omulamu, ng'akakasa nti Ali wano mu nnaku za Sodoma.

N'emikono gy'abantu abo, ng'obulamu bwabwe bukyusiddwa okuva mu kwenjeera ku nguudo, okuva mu batamiivu, okuva mu bamalaaya b'oku nguudo, okufuuka abatukuvu ba Katonda abannammaddala, abaweereddwa obulamu. Emikono gyabwe giteekeddwa ku ggwe. Bali mu kkanisa, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, amaanyi geegamu agaali ku magumba ga Eriya. Amaanyi geegamu gali ku kibegabega kyammwe, ku mikono gyammwe, ku mitwe gyammwe, amaanyi geegamu ago agawa obulamu; Naye nga Ye ayimiridde wano nga Yeekakasa nti mulamu okuva mu bafu, nga Yeeraga nti mulamu, ali wano kati Akola ekintu ky'ekimu ekyo kye Yakola bwe yali…? Amiina!

103 Osobola okumukkiriza kati? Osobola okukkiriza nti emikono egikuteekeddwako, mikono gya bwa Katonda, osobola okukkiriza nti oyo Omwoyo kati Atuwa obulamu, nga Yatuleetera okweyisa mu ngeri eyeekiralu eri ensi, okkiriza nti amaanyi Ge ago ge gawa obulamu? Okkiriza nti oli mu kkanisa Ye? Olwo, bw'obeera, ng'okkiriza nti emikono egyo egiteekeddwako mikono mitukuvu, kiragiddwa Katonda; olwo, Nkulagira gwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, okuyimirira ku bigere byo okkirize okuwonyezebwa kwo, buli omu abadde omulwadde. Ha, Omukristaayo, ozuula ekibaddewo?

Okizuula, okuva eyo mu nguudo waggulu waliyo obukadde bw'abantu nga butambula ku nguudo zino, leero, nga si kirala mu nsi wabula bbomu namuzisa? Obazuula abantu abo nga baafiiridde mu kibi ne mu kwonoona kwabwe, era obulamu buddugalu; mu makisa wonna, olw'okusomesa okutono, oba ku ngeri y'okukuumamu ekintu ekimu, ng'okiyita eddiini.

104 Wakizudde nti wazuukizibwa okuva mu bafu okudda mu Bulamu era obatiziddwa okuyingira mu Mubiri gwa Katonda omulamu oyo awadde omubiri gwe obulamu, eyo awali okwogera mu nnimi n'okuvvuunula, okulaba Yesu Kristo ng'alabisiddwa mu ffe? Lwaki, obulwadde tebuyinza kuyimirira mu kibinja nga kino. Leka okukkiriza kwo kugende gy'Ali, mukkirize Ye! gamba nti, “Mukama Katonda, Nzikiriza n'omutima gwange gwonna,” era ojja kuwonyezebwa.

Waliwo abonoonyi wano abandyagadde okujja okuyingira mu Mubiri gwo? Wanika emikono gyo, ogambe nti, “kino si kijjangamu.” Ssijjuzibwanga na Mwoyo Mutukuvu, naye, ow'Oluganda Branham, mu butuufu nkiyaayaanira ettuuntu lya leero. Onaansabira?“ Wanika emikono gyo. Toswala, oli mu Kubeerawo Kwe. Tunuulira butunuulizi emikono! Tunuulira emikono!

Kaakati buli muntu ayagala okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, golala emikono gyo, wonna w'oli, gwe akyagala.

105 Kaakati ggwe alina Omwoyo Omutukuvu, ayimiridde okumpi nabo, teeka omukono gwo omutukuvu, oguwongeddwayo ku bo. “Bw'Abeera ng'Omwoyo Omutukuvu, oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu, atuula mu mmwe, Ajja kuwa obulamu emibiri gyammwe egifa, okuva mu kufa okudda mu bulamu.” Kireetera omubiri gwonna mu kugondera Omwoyo. Kati, ka tukoteke ku mitwe gyaffe, era buli omu asabire abantu abo abaagala okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Era Nzikiriza nti kati Katonda Ajja kujjuza buli omu ku mmwe, n'Omwoyo Omutukuvu.

Tulinda ki, mikwano? Oyinza okulinda nnyo, olumu ku nnaku zino. Eno y'essaawa. Tolinda nate. Oli

wano kati mu yeekaalu eyo w'olina okusigala ekiro kyonna ng'osaba.

Katonda Omwagalwa, Nsaba nti Ojja kusindika Omwoyo Omutukuvu nate, ng'empewo ekuuma n'amaanyi, ejjuze ennyumba yonna, oluvannyuma lw'okuzuulibwa kuno okutuukiridde ettuuntu lino, nti Oli otudde wamu n'abantu. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

MESSAGE hub online

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7